ABAEBBULANIYA,
ESSUULA EY'OKUNA

. . .kwe kweyongera okumanya ebikwata ku Mukama waffe ow'omukisa. Era ekyo kye—kye kitukuŋŋaanyizza wano, kye kitukuŋŋaanyizza, era, kati, wamu n'okusabira abaana ba Katonda abalwadde. Kati ku makya twabadde n'o—n'omukisa ogw'amaanyi ddala okuva mu Byawandiikibwa.

2 Tugezaako buli kiseera eky'olukuŋŋaana, okubaako, ekitundu ku. . .Njigiriza okuva mu Kitabo ky'Abaebbulaniya, kye mbadde njigirizaako, okumala wiiki bbiri kati. Era kati, Mukama bw'anaaba ayagadde, tujja kweyongerayo ku Lwokusatu akawungeezi, ne ku Ssande ku makya ne ku Ssande akawungeezi, tweyongereyo mu maaso, ebbanga lyonna lye nnaamala wano mu kiseera kino. Ssi nkuŋŋaana za kudda buggya, wabula kudda buggya okuli mu ngeri, ey'enkuŋŋaana zaffe eza bulijjo ez'akawungeezi. Kale tuli basanyufu nnyo nnyo, okubeera n'ekiseera kino okusobola okusisinkana mikwano gyaffe abalungi abava mu bibuga ebitwetooloodde, n'abava mu Bibuga bya Falls bino ebyetooloodde wano. Kati ssinga—ssinga tunaabaako ze tusazaamu oba ekintu kyonna, kiyinza okubaawo nga Mukama atuluŋŋamizza, mu bbanga eritali lya wala, oku. . . weesanga tuyinza okubaako ebiro ebitonotono, oba oly'awo, bye tunaabeera mu kisenge omukolerwa dduyiro, okumala akaseera, Mukama bw'anaaba nga bw'atyo bw'atuluŋŋamizza, okusobola okuba n'ekifo ekigazi we tusobola okukuŋŋaanyiza abantu baffe.

Kuba bwe tubadde tujja tulabye abantu, nga baddayo, nga bagamba, "Tewali bifo bimala wa—wa kutuula." Weewaawo, ekkuŋŋaaniro lyo ttono nnyo. Lituuza abantu batono, nnyo ddala, naye tuli basanyufu nnyo okuba nti mwewaddeyo ne mujja mutuula mu bbugumu lino, okuwulira Ekigambo kya Mukama. Era tusaba Katonda abawe omukisa ogw'omuyiika, ogusukkiridde era abayambe.

3 Era kati, akawungeezi kano, twagala, tugenda kutandika ku ssuula ey'oku 4. . .Bameka abaabaddewo ku makya? Leka tulabe emikono gyammwe. O, ekyo kirungi nnyo, kyenkana mwenna mwabaddewo. Kati tuli ku, tugenda kutandika ku ssuula ey'oku 4, ey'Ekitabo ky'Abaebbulaniya. O, nga Kitabo ekinyuvu okukamala! Mukinyumirwa? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Era tukikwatako nga tugeraageranya Ebyawandiikibwa n'Ebyawandiikibwa.

4 Era Pawulo nga tannaba kuwa bujulizi ku ekyo ekyali

kimutuuseeko, yasooka kugenda mu Buwalabu azuule, okuyita mu Kigambo oba ddala ge Mazima. Ekyo nkyagala nnyo. Era mu ky'okuyigako ky'okumakya, twakirabye, mu kuyigiriza kwe twabadde nakwo ku makya, nti Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era Pawulo yakizuula nti Empagi y'Omuliro y'emu eyakulembera abaana ba Isiraeri, yamusisinkana mu lugendo lwe nga agenda e Damasiko. Twakirabye nti Empagi y'Omuliro, eyakulembera abaana ba Isiraeri n'ebayisa mu ddungu, n'ebatwala mu nsi ensuubize, yasisinkana Pawulo bwe yali agenda e Damasiko, Empagi y'Omuliro eyo ne yeeyita "Yesu."

5 Ne tulaba ne Yesu Kristo nga bw'ali Katonda yennyini. Ekitabo kyonna mu bulamba bwakyo kyogera ku kubikkulirwa kwa Yesu Kristo kwokka. Era twakirabye, nti Yajja, "Mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo, Katonda yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi; naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Mwana We, Kristo Yesu, nga kati Yeebikkudde Ye yennyini." Era Ekitabo kino kyonna awamu okuva ku Lubereberye okutuuka ku Kubikkulirwa si kirala kyonna wabula, kubikkulirwa kwa Mukama waffe Yesu, kwe kumu, okugenda kweyongera mu maaso.

6 Era twakiraba nti Ye Oyo eyali mu kisaka ekyali kyaka omuliro. Twakiraba nti Ye Yali ne Katonda nga emisingi gy'ensi teginnabaawo. Era twakiraba nti, mu Ndagaano Empya, Yali byombi, Katonda era Omuntu. Era bwe Yava mu Ndagaano Empya, okugenda mu Ggulu, Yagamba nti, "Nnava eri Katonda, era nzirayo eri Katonda."

7 Era Pawulo bwe yamusisinkana, Yali mu nkula y'emu gye Yalimu bwe Yakulembera Isiraeri, yali Mpagi ya Muliro. Okutuusa nti Pawulo bwe yamwekaliriza mu maaso, bwe yali tannaba kukyusibwa, kyamuviirako okufuna obuzibu bw'amaaso ennaku zonna ez'obulamu bwe. Yaziba amaaso, era okumala ennaku eziwerako yali talaba kintu kyonna. Yalina kukulemberwa bukulemberwa okumutwala ku kkubo eriyitibwa Eggolokofu.

8 Era Katonda yalinayo nnabbi emmanga eyo gwe Yayogera naye, erinnya lye Ananiya, eyajja mu nnyumba mwe yali, oluvannyuma lw'okulaba okwolesebwa, n'ateeka emikono gye ku Pawulo, n'amugamba nti, "Ow'oluganda Sawulo, zibula."

9 Era twakiraba n'era, nti, Omwoyo Omutukuvu oyo y'omu, Mukama waffe Yesu oyo y'omu, yajja eri Peetero mu nkula ey'Ekitangaala n'amusumulula n'amuggya mu kkomera.

10 Era twakiraba nti Mukama waffe Yesu y'omu oyo, ne mu nnaku zino, akyali mu Mpagi y'Omuliro eyo (Ekitangaala) ekulembera abantu Be (Ekkanisa Ye), nga ekola ekintu kye kimu, nga ewa okwolesebwa; nga ejja n'eteeka emikono ku

bantu, oluvannyuma lw'okwolesebwa. Mukama waffe Yesu, Eyansisinkana ku makya ga Ssande ewedde bwe nnali mu nnyumba, n'aŋŋamba nti waaliwo omusajja eyali agenda okujja, ow'enviiri enzirugavu, ezigenda zifuuka envi. Yali Muyonaani. Mukyala we yali akuliridde mu myaka, era yali wa kukaabira ku wolutaali.

11 Abamu ku bo nnali nkibagambyeko, era baali bakimanyi nti kigenda kubaawo. Yali yagongobala, nga—nga alina n'obuzibu ku kasimu akamusobozesa okwetengerera. Nga ka bibeere ebigere bye oba emikono nga tasobola kubiseetula. Era nga muzibe wa maaso. Era okukikakasiriza ddala: nnina omukyala gwe nnasaba okujja okusabira abalwadde, okusooka, ate oluvannyuma ne nsaba Ow'oluganda Thom ajje asabe. Nga ffe, tutudde awo, tulaba bwe kigenda mu maaso. Bwe waayitawo akaseera nange ne nzikirira wansi okusabira abalwadde, bwe nnamaliriza ne nzirayo waggulu. Era mukyala w'omwami oyo n'ajja, mu ngeri yennyini nga bwe yajja mu kwolesebwa, n'ankwata ku mukono n'atandika okukaaba, n'agamba nti Dokita Ackerman ye yali abasindise wano. Dokita Ackerman mukwano gwange nnyo, Mukatuliki. Mutabani we faaza mu kigo ky'ekereziya ya—y'Omutukuvu Meinrad, emmanga eri mu Indiana. Ate omusajja ono ye yali ava mu Jasper. Era Mukama n'amuwonya, n'ava mu katebe ako. N'asituka n'atambula. Nga n'okulaba alaba bulungi ddala nga omuntu omulala yenna. N'atambula n'afuluma ekizimbe, nga mulamu bulungi taliiko buzibu bwonna. Byonna nga bibaawo luvannyuma lwa kulaba kwolesebwa!

12 "Ow'oluganda Sawulo, Mukama waffe Yesu eyakulabikira mu kkubo, antumye nkusseeko emikono, osobole okulaba era ojjuzibwe n'Omwoyo Omutukuvu." Kirungi nnyo.

13 "Bwe twava awo ne tukiraba nti, nga bwe tulina obulokozi buno obukulu obwenkana wano, tetulina . . . Tetuyinza kuwona bibonerezo na busungu bwa Katonda, ssinga tulagajjalira obulokozi obukulu obwenkanidde awo."

14 Kati tugenda kutandika okusoma, akawungeezi kano, okuva, tutandike ku ssuula ey'oku 4 ey'Ekitabo ky'Abaebbulaniya. Bwe wabaawo omuntu yenna ayagala okugoberera nga tusoma, wano tulinawo Bayibuli. Kale, bwe wabaawo agyetaaga, omu ku bakebezi ajja kukuleeterayo, emu ku Bayibuli zino—zino, ssinga oyimusa omukono gwo. Wabeewo omu ku b'oluganda wano atwala . . . Nzikiriza, waliwo Bayibuli bbiri eziri awo.

15 Kati tugenda kwanguwako, kubanga tulina okusembera nga tumalirizza. Era we tunaakoma akawungeezi ka leero, we tujja okutandikira ku Lwokusatu akawungeezi. Kati, nzikiriza, ku makya bwe twabadde tusoma, twatandikidde ku lunyiriri olw'e 15.

16 Wayinza okubaawo omuntu, oba oly'awo atandabangako nga nnyambadde gaalubiindi, eziyamba mu kusoma. ŋŋenda nkaddiwa. Weewaawo nkyasobola okusoma, naye ennyukuta ssiziraba mangu, naddala bwe mba nsoma obunyukuta obutono wano, obwakubibwa nga butono nnyo.

17 Kati nnagenda okunkebera amaaso, okulaba oba nga ddala ŋŋenda kuziba amaaso. Ne basanga nga amaaso gange galaba bulungi ku kipimo kya kkumi-kkumi. N'agamba nti, "Naye osussizza emyaka amakumi ana, mutabani." Alina kye yampa okusoma, n'aŋŋamba nti, "Tandika okukisoma." Ne nkisoma. Ne ŋŋenda nga nneeyongera okukisemberera okumpi, ne kyeyongera okukendeeza supiidi ebigambo kwe byali bitambulira. Bwe kyatuuka nga *wano*, ne ndekera awo. Kwe kukyusa ebipimo n'abissa ku kkumi-kkumi, nga nsobola okubisoma nga nsinziira mu buwanvu bwonna. Naye n'aŋŋamba nti, "Ensonga eri nti, bw'osussa emyaka amakumi ana, emmunye z'amaaso go zibyabyatala."

18 Kati, nsobola okuba nga azibiriza amaaso gange ne nsoma ebindi okumpi nga *wano*, naye obeera olina kuba nga agazibiriza. Kale, yankolerayo gaalubindi. Era kati ekintu mba nsobola okukiraba, wonna we kiba, bwe kimbeera kumpi ddala. Naye ate, bwe kyeyongera ewala okuva wendi, ate mba ssisobola kukiraba nga nkozesa gaalubindi zino. Naye obunyukuta buno mbusoma, nsobola okubusoma bwe mba nnyambadde gaalubindi.

19 Kati, ku makya, twakutte ku kitundu ekisembayo eky'essuula ey'oku 3 ey'Abaebbulaniya. Era, ha, nga twasanzeemu ebinnonoggo eby'ekitalo! Kati muwulirize, njagala nziremu ngisome, tusobole okufuna omusingi kwe tusinziira kati. Ssigenda kugyogerako, naye kwejjukanyaamu bwejjukanya.

> *Nga bwe kikyayogerwa nti, Leero* mmwe. . . *bwe munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu kusunguwazibwa.*
>
> *Kubanga abamu,* bo, baawulira Ekigambo, *bwe baawulira* Ekigambo, ne *bamusunguwaza: wabula ssi bonna abaafuluma okuva e Misiri wamu ne Musa.*

20 Kati, mu ekyo, ku makya, twakirabye nti Yagamba nti, "Kaakano temukakanyaza mitima gyammwe, nga bwe kyali mu biro eby'okusunguwazibwa." Kye kiseera we baasosonkereza Katonda n'asunguwala, kubanga Yali abawadde Musa, nnabbi We, wamu n'akabonero Musa ke yalina. Bameka, ku bali mu kibiina akawungeezi kano, abamanyi akabonero ako kye kaali? Empagi y'Omuliro, Abaebbulaniya 13.

21 Kati, tetumanyi oba akabonero ako ekibiina kyakalabanga oba nedda. Naye Musa yagiraba, kubanga Musa yasooka kumusisinkana mu kisaka ekyaka. Yali Muliro. Kati abaana

ba Isiraeri baagondera Musa, ne bafuluma Misiri. Naye olwali okufuluma Misiri bati, twakirabye nti, Katonda, yabakulembera abatwala mu mutego. We beesanga, nga eggye lya Falaawo liri mabega waabwe, Ennyanja Emmyufu ku njuyi zombi, Katonda n'abagezesa; ne batya. Ne kinyiiza Katonda. N'amubuuza nti, "Lwaki onkaabirira?" N'amugamba nti, "Yogera bwogezi ogende mu maaso." Ekyo nkyagala nnyo.

22 Kati, baali bagoberera Musa, nga Musa bw'agoberera Empagi n'Ekire, era baali mu lugendo lwabwe nga bagenda mu nsi ensuubize. Ekifaananyi kyennyini ekyoleka Ekkanisa, akawungeezi kano, nga tuli mu lugendo lwaffe tugenda mu Nsi ensuubize, nga tukulemberwa Omwoyo y'omu, n'obubonero bwe bumu n'ebyewuunyo nga Katonda bwe yayogera.

23 Kaakati mulabeeyo. Awo, ne batuuka mu Ddungu lya Sini. A—amazzi nga "gakaawa," *Mala*. Lwaki Katonda yabakulembera okubatwala awali amazzi agakaawa? Kirabika nga eyandibadde abakulembera nga abatwala awali amazzi amalungi. Naye Yabakulembera n'abatwala awali amazzi agakaawa Asobole okugezesa okukkiriza kwabwe. Ayagala nnyo okukikola. Ayagala nnyo okuleka emitawaana gikutuukeko, Asobole okukulaga okwagala Kwe n'amaanyi Ge. Abantu bakola batya, leero, abatakkiriza nti Katonda akola ebyamagero, emitawaana bwe gibajjira, bawanika buwanisi ne babivaako? Naye ffe tukkiriza nti "Katonda akola ebyamagero." Tasobola . . . Katonda alina . . .

24 Muwulire kino. Katonda bw'atakola mu ngeri y'emu, bwe wabaawo embeera ze zimu, awo Katonda abaamu kyekubiira mu kwanukula abantu Be. Obusukkulumu bwa Katonda bumwetaagisa okukola mu buli nsonga yonna nga bwe Yakola mu nsonga eyasooka, bw'atakikola kitegeeza Yakola nsobi mu nsonga eyasooka. Katonda bw'atakola mu ngeri y'emu gye Yakola ku nsonga eyasooka, ssinga Akola ku nsonga ey'okubiri mu ngeri eyawukana ku gye yakolamu ku nsonga eyasooka, kiba kitegeeza Yakola nsobi bwe Yakola bw'atyo ku nsonga eyasooka. Katonda bw'aba yawonya abalwadde mu Ndagaano Enkadde, Ateekwa okukikola ne mu Ndagaano Empya ne leero, bw'atakikola aba Yakola nsobi bwe Yabawonya mu kiseera kiri. Ateekwa okweyisa mu ngeri y'emu, buli mulundi. Era Ajja kukikola, okukkiriza kwe kumu bwe kunaatuukiriza akakwakkulizo ako. Ffe tuliko obuzibu, ssi Katonda. Kubanga tumulaba ku bantu abamu, n'abalala bangi, nga akola ebyamagero eby'amaanyi era eby'enkukunala. Tukimanyi. Omukolokosi tasobola kugamba mbu, "Ssi bwe kiri." Kuba ffe Empagi y'Omuliro tugiraba nga ekikakasa, era weekiri.

25 Baagambanga nti, "Ndaga ekyamagero." Ekyo kati tebakyayinza kukyogera. Ssaayaansi takyayinza kuddamu kukyogera. Tusobolera ddala okukakasa bannassaayansi.

Era ne bannassaayansi bakiwaddeko obujulizi nti Ekintu ekisukkulumye ku butonde, mu nkula ey'Empagi y'Omuliro, kiri naffe. Ekifaananyi Kye kiikino, wano wennyini, n'ekirala kitimbiddwa mu Washington, DC, akawungeezi kano. Ye Kristo y'omu.

26 Kati, okumala ekiseera, baweereza bannange baŋŋambanga nti, "Ha, Ow'oluganda Branham, oyo ssetaani. Ebyo tobyesembereza." Ne bantiisa.

27 Era ssaakibuulira okutuusa Katonda lwe yajja n'akibikkula, nti, "Ye Yesu y'omu, ye Ye." Ha, kati osobola okugezaako okukinzigyamu? Tekisoboka. Kubanga, kiri mu Byawandiikibwa. Kigambo kya Katonda. Ssi bumanyirivu obuli awo obutalina kwe bunyweredde. Bumanyirivu obukakasibwa Ekigambo kya Katonda n'ekisuubizo kya Katonda eky'omukisa Ekitaggwaawo.

28 Kati, tulaba wano eno, era, nti Yagamba.

Kubanga abamu bwe baawulira, baamusunguwaza:. . .

Mazima ddala. Baakoowa, buli mulundi lwe baatuukanga mu mbeera awaabanga okwolekanya obwanga. Kiki kye baakolanga? Beecwacwananga, ne beetamwa, ne baagala okuddayo emabega, ne babuuza, "Naye lwaki *kino* kintuuseeko?"

29 Ekyewuunyisa, ekyo bwe nnamaze okukibuulirako, ku makya, n'amaanyi gange gonna, waliwo bangi abazze ku wolutaali ne badda mu kugibuuza, "Ye lwaki bino nze gwe bituukako?" Mulaba bw'Egenda nga terina ky'ekukoledde? Ebayita buyisi ku mitwe. Basigala kye bali, bantu buntu.

30 Yesu yagamba nti, "Mulina amaaso, naye temulaba." Ekyo Yakigamba bayigirizwa.

31 Baamugamba nti, "Laba, kaakano Ggwe oyogera lwatu. Kati tukkiriza. Teweetaaga muntu yenna kukubuulira kintu kyonna, kubanga Katonda akikulaga."

32 N'ababuuza nti, "Kati lwe mukkiriza, oluvannyuma lw'ekiseera kino kyonna?" Mukiraba?

33 Katonda, toteekwa kumubuuza akana n'akataano. "Kubanga ebigere by'omutuukirivu biruŋŋamizibwa Mukama." Era buli kugezesebwa kwonna okukutuukako, kubaawo kukugezesa. Era Bayibuli egamba nti, "Kwa muwendo nnyo gy'oli okusinga zaabu." N'olwekyo Katonda bw'abaako okunyigirizibwa okutonotono kw'aganya okukutuukako, jjukira nti, kuba kwa kukugolola. "Buli mwana ajja eri Katonda ateekwa okusooka okukangavvulwa Katonda, n'agezesebwa, n'afuna okutendekebwa nga omwana." Tewali kusosolamu. "Buli mwana yenna ajja." Era okunyigirizibwa kuno kubaawo, kujja okusobola okulaba bw'oneeyisa nga kuzze. Mukiraba?

Abeera Katonda, mu kifo kino eky'okugesezebwamu. Ensi yonna ekyo ky'eri, kifo eky'okugesezebwamu, era w'Agezaako okukugezesereza.

34 Kati muwulirize, nga bwe tugenda mu maaso. Kati njagala kutuuka ku kitundu kyayo ekisembayo.

Era baani be yalayirira *obutayingira mu kiwummulo kye,* . . .

Kati, ekyo kye tugenda okwogerako, akawungeezi kano.

. . . *mu kiwummulo kye, wabula abo abataagonda?*

Era tulaba nga tebaayinza kuyingira . . . *olw'obutakkiriza.*

35 Kaakati, ekibi kye kiki? Butakkiriza. Katonda yali azze gye bali, mu Mpagi ey'Omuliro; n'atuma nnabbi We, n'amufukako amafuta, n'amuwa obubonero obw'okukola mu maaso g'abantu. Okuva awo Empagi y'Omuliro, okuyita mu nnabbi, n'ebafulumyayo. Naye buli mbeera gye baasisinkananga, ne batandika okwemulugunya wamu n'okwogera ku buli nsobi yonna gye baalabanga ku Musa, ne batandika okumuboggolera nga bamunenya n'okumwogerera amafuukuule. Katonda n'asunguwala, kubanga Yagamba nti mu kukola ebyo baali boonoona.

36 Baali balina kuwuliriza. Naye, mu kifo ky'okuwuliriza, baawuliriza ndowooza yaabwe egamba nti, "Nga kisoboka kitya? Nga ebintu bino bibaawo bitya?" Bw'aba Ye Katonda, byonna biyinzika. Era Ajja kuleetera ebintu byonna okukolera awamu ku lw'obulungi eri abo abamwagala.

37 Kati tugenda kuyingira mu ky'okuyigako ekikulu wano, nga ekyo, ky'ekikwata ku "Kiwummulo," *ssabbiiti.* Kati, baali batambuze mu lugendo lwabwe. Mukiraba? Baali bamaze e Misiri, emyaka ebikumi bina, nga bali mu busibe. Era kati baali baggyiddwaayo ebyamagero bya Katonda, okusinziira ku kisuubizo Kye. Era baali mu lugendo lwabwe nga bagenda mu nsi ensuubize. Ne walabika mu makkati gaabwe, Ekitangaala ekisukkulumye eby'obutonde, ne kitandika okubakulembera.

38 Kati, wayinza okuba waliwo eyasituka n'abuuza nti, "Naye, mulabeeyo, Musa ono yeeyita ki? Ani yakufuula omufuzi waffe? Toli omu ku ffe? Ani yakuteekawo okubeera mukama waffe? Olowooza omanyi nnyo okusinga omusumba waffe? Olowooza omanyi nnyo okusinga kabona? Olowooza oli—oli mugezi nnyo okusinga bannaddiini baffe, be tulina?" Ebyo tebyalina kakwate konna na nsonga yali egenda mu maaso.

Yali Katonda, mu Mpagi y'Omuliro, nga akakasa nti y'Ali mu mugendo guno. Ebya ani mugezi oba ani atali mugezi tebyalimu makulu yadde. Ekikulu kwali kugoberera ekyo Katonda kye yali atadde mu maaso gaabwe.

39 Eky'amazima, Musa, mu magezi ag'obuntu, yakola kya busiru okugezaako okununula abaana nga akozesa Ekigambo kya Katonda, okutwala ekibinja ky'abantu mu ddungu. Nga ate yalina . . . Kubanga, ye yali omusika wa buli kimu kyonna kye baalina. Yali afufuggazza buli ggye, eryali ku nsi, nga gonna agalinnye ku nfeete. Era nga ye, muduumizi w'amagye asingayo obukulu. Nga ekiddako, yali wa kufuuka kabaka, Falaawo wa Misiri. Nga ekyo ssinga yakituukako, yandisinzidde ku ntebe ye ey'obwakabaka, n'agamba nti, "Kale, baana bange, muddeyo mu nsi yammwe." Ne kiggwa; nga ye Falaawo. Naye Musa . . .

40 O, kiikino. Musa, *olw'okukkiriza,* yalaba ekisuubizo kya Katonda. Era Malayika wa Mukama yamusisinkana, era yategeera bingi nnyo ebikwata ku Katonda, mu ddakiika ettaano ze yamala mu Kubeerawo kwa Malayika oyo, okusinga bye yayiga mu myaka amakumi ana gye yamala n'abayigiriza b'e Misiri. Yamanya nti Waali. Yalaba ebissukkulumye ku maanyi ag'obutonde nga bikolebwa.

41 Yamugamba nti, "Nja kubeera naawe, Musa. Nja kukukulemberamu." Era baakitegeera. Era Yamuwa n'obubonero bw'aba akola.

42 Kati, baali mu lugendo lwabwe nga boolekedde ensi ey'ekiwummulo. Katonda yali yabateekateekera ekiwummulo, ekifo we baali batagenda kubeera . . . na babakozesa, kubakuluusanya, kubaako na bye babakaka kukola.

43 Nga kifaananyi kirungi ddala eky'embeera egenda mu maaso leero, bwe tutunuulira ekkanisa ne tugiraba nga eri mu mbeera mw'eri. Buli muntu yenna azaalibwa Omwoyo wa Katonda anyooma ensi, "Bw'oyagala ensi oba ebintu by'ensi, kiraga nti okwagala kwa Katonda n'okukubaamu tekukuliimu." Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Era omutambuze yennyini, ali mu lugendo lwe, akyayira ddala ebintu by'ensi. Akyaawa okulaba abantu nga banywa omwenge. Akyaawa okulaba abantu nga bafuuweeta ssigala. Akyaawa okulaba abakazi ku nguudo, nga bambadde engoye ezo ez'ekigwenyufu. Akyaawa okulaba zzaala nga azannyibwa n'obubaga bw'okuzannya amatatu.

44 Jjo wano, Ow'oluganda Tony bwe . . . manya Ow'oluganda Wood nange bwe twabadde tutambula ku luguudo, wamu n'abalala, abamu ku basajja . . . Waabaddewo omukyala omu mu Louisville, eyabadde atambula mu kkubo, nga mukyala bambi alabika obulungi, naye nga ayambadde akagoye akeesittaza okukamala; nga kakunukkidde waggulu mu makugunyu, nga yeesibye akagoye mu mbinabina, erudda n'erudda, n'akatundu k'akagoye akeekulungirivu mu kifuba, akasibiddwa n'akaguwa emabega. Nga bw'agenda atambula mu kkubo, mu ngeri eyeesittaza okukamala, nga buli musajja ku luguudo bw'agenda amugobereza amaaso. Ne ŋŋamba nti, "Takimanyi nti alina omusango, mu maaso ga Katonda, ogw'okwenda na buli

musajja yenna amulookeereddeko nga ayambadde mu ngeri eyo. Era alyanukula ku lunaku lw'omusango olw'okwenda n'abasajja abo."

45 Yesu yagamba nti, "Buli atunuulira omukazi okumwegomba, aba amaze okwenda naye." Bwe kiri.

46 Kati, mukiraba, Ow'oluganda Wood yambuuzizza nti, "Ekyo olowooza kiva ku ki, Ow'oluganda Branham?"

47 Ne mmugamba nti, "Ku bibiri yandibaako ekikyamu ku bwongo oba nga yawambibwa emizimu." Waliwo ebintu bibiri byokka kwe kiva. Omukazi eyeewa ekitiibwa, omulongoofu tayinza kwambala bintu bya ngeri eyo okuggyako nga yawambibwa emizimu. Ago ge Mazima gennyini.

48 Kati, omutambuze ali mu lugendo lwe nga agenda mu Ggulu, abeera mu mbeera ya njawulo. Tekikwetaagisa kumweraliikirira nti ajja kutunuulira omukazi ayambadde bw'atyo. Ajja kukyusa omutwe gwe bw'aba alina Katonda mu mutima gwe, kubanga abeera mu mbeera eyeesudde obukadde n'obukadde bwa mayiro okuva ku bintu ebyo. Bwe kiri. Tewandyagadde kusingibwa musango gwa bintu nga ebyo, ku lunaku lw'omusango. N'olwekyo akyuusa omutwe gwe n'agamba nti, "Katonda wange, omukazi oyo musaasire," ne yeeyongerayo. Tuli mu lugendo lwaffe. Tuli mu lugendo lwaffe tugenda mu Nsi ya Kanani. Tuli mu lugendo tugenda eri Ekiwummulo ekyo Ekitaggwaawo era eky'omukisa Katonda kye yatuwa. Era mu lugendo, tukemebwa. Tukemebwa ebintu ebya buli ngeri, naye wadde tukemebwa tetulina kwonoona.

49 Kaakati mwetegereze, nga bwe tugenda ku ssuula ey'oku 4 nti, "Kale tutyenga."

> *Kale tutyenga, nti, okusuubiza* okw'okuyingira *mu kiwummulo nga bwe kukyatulekeddwa,* . . .

50 Kino njagala mukijjukire, nti, okuggyako nga tukizudde, okuggyako nga Katonda akitubikkulidde! Ne bwe tugenda mu kkanisa okwenkana wa, ekyo tekirina kakwate nakyo yadde. Katonda ateekwa kujja kuyita mu kubikkulirwa n'atwebikkulira Ye mwene, ekyo kye kituggyamu ebintu by'ensi byonna. "Kati, nga bwe kyayogerwa nti, 'Leero bwe munaa . . . '"

51 Kati leka tutandike ku—ku ssuula ey'oku 4.

> *Kale tutyenga, nti, okusuubiza* okw'okuyingira *mu kiwummulo kye nga bwe kukyatulekeddwa,* . . .

52 Kati mujjukire nti, bwe baali mu lugendo nga bagenda eri Ekiwummulo, Empagi y'Omuliro ye yabakulembera. Kati twagala kulaba, "Ekiwummulo kino kitegeeza ki?"

> *Kale tutyenga, nti, okusuubiza* okw'okuyingira *mu kiwummulo kye nga bwe kukyatulekeddwa,* (mwekkaanye), *omuntu yenna ku mmwe aleme kulabika nga takutuuseeko.*

53 Kati, ekisuubizo kiikino weekiri. Kino kye twandibadde tutya: ssinga tewabaddeewo kisuubizo kyatulekebwa. Naye ekisuubizo weekiri! Kati, ekiddako, kwe kukakasa nti tolema kukiyingiramu.

54 Kaakati, ekirowoozo kye tulondoola kye kino, bwe tuba nga tuli mu lugendo lwaffe tugenda mu Kiwummulo, Ekiwummulo ekyo kye kiki? Ye kiri ludda wa? Kwegatta ku kkanisa? Kubaako ngeri emu gy'obatizibwamu? Kufuuka mmemba wa kkanisa esingayo okuba ey'amaanyi mu kibuga? Kwambala ngoye ezisinga obulungi? Buyigirize? Ssente, twabulire emirimu gyaffe tutuule butuuzi, tuwummulire ddala ebbanga ly'obulamu bwaffe erisigaddeyo ku nsi, nga bwe tukiyita? Ssi by'ebyo.

55 Muwulire Bayibuli ky'egamba kye kiri, n'engeri gye tukifunamu.

> *Kale tutyenga, nti, okusuubiza* okw'okuyingira *mu kiwummulo kye nga bwe kukyatulekeddwa, omuntu yenna ku mmwe aleme okulabika nga takutuuseeko.*
>
> *Kubanga naffe* (mu mulembe ogwo) *twabuulirwa enjiri, era nga nabo:. . .*

Enjiri kye kiki? Ge mawulire amalungi. Amawulire amalungi gajja gye bali mu Misiri, nti, "Katonda atumye omununuzi, era Agenda kutufulumya wano atutwale mu nsi ensuubize."

56 Amawulire amalungi gye tuli leero, gali nti, "Katonda atumye Omununuzi, Omwoyo Omutukuvu, era tuli mu lugendo tugenda mu Nsi ensuubize." Kati abantu bakifudde bigunje bya njigiriza na bibiina bya madiini, naye Katonda asigala, akkaatiriza nti, *Ekiwummulo* kyaffe "ye Mwoyo Omutukuvu."

57 Mwetegereze.

> *. . . baabuulirwa enjiri . . . bo* nga naffe: *naye ekigambo eky'okuwulira tekyabagasa bo,* e. . .
>
> Mujjukire nti:
>
> *. . . ekigambo eky'okuwulira tekyabagasa bo, kubanga tebaakigattamu kukkiriza abo abaakiwulira.*

58 O, baganda bange, leka nsooke nkome wano. Ekigambo ne bwe kibuulirwa kitya, ne bw'osiima otya engeri gye kibuuliddwamu, okuggyako nga ggwe wennyini ofuuse kitundu ku Kyo, tekijja kubaako kye kikugasa.

> *. . . kubanga tebaakigattamu kukkiriza abo abaakiwulira.*

59 Baalaba ebyamagero bya Musa. Ne bagamba nti, "Ekyo kirungi." Ne bakibuusa amaaso. Ba—baamulaba nga akola ebyamagero. Ne balaba Empagi y'Omuliro, oba oli awo, oba ne bawulira nga bagyogerako. "O, ekyo kirungi."

60 Naye tebaakigattamu kukkiriza kwabwe nga abantu ssekinnoomu. Kubanga olwali okutuuka bati mu ddungu, bonna

(buli omu) n'atandika okwemulugunya. Katonda n'agamba nti, "Kubanga baabuusabuusa, kwali kwonoona." Tobaako kintu kyonna ky'obuusabuusa. Kkiriza. Tobuusabuusa, ensonga k'ebeere nkalubo okwenkana wa, ggwe kikkirize.

61 Kati baatandika okwemulugunya, Katonda n'abazikiriza. Era n'Alayira, mu busungu Bwe nti, "Tebaliyingira mu Kiwummulo Kye." Era Bayibuli egambye wano, kirabika Kiri mu—mu ssuula ey'oku 3, nti, "Emirambo gyabwe gyagwa mu ddungu."

62 Essuula ey'oku 3 olunyiriri olw'e 17.

Naye baani be yanyiigiranga emyaka amakumi ana? si abo abaayonoona, n'emirambo gyabwe ne gigwa mu ddungu?

63 Era ku bonna abaafuluma Misiri, babiri bokka be baayingira mu nsi ensuubize. Ku bantu bonna abaaliwo nga amataba tegannabaawo, mu nnaku ez'edda, emmeeme munaana zokka ze zaalokolebwa, okuva ku buwumbi n'obuwumbi. "Omulyango mufunda n'ekkubo lya kanyigo, era baliba batono nnyo abaliriraba."

64 Abantu abamu bagamba nti, "Kaakati, Ow'oluganda Branham, ate bano enkumi n'enkumi Bayibuli b'eyogerako abalibaayo?"

Ggwe jjukiramu bantu bameka abazze bafa mu buli mulembe, abaali Abakristaayo, okuyita mu mirembe gyonna. Bonna balizuukira. Abo bonna wamu be bakola Omubiri. Musuubira nti wajja kubaawo abantu obuwumbi kikumi okuva mu Amerika, abalivaayo, oba n'abalala bwe batyo, okuva mu nsi eno leero. Bayinza n'obutawera makumi ataano abavaamu. Naye Ekkanisa ey'ekitalo eyanunulibwa eri mu ttaka gye yeebase, erindiridde. Abo ge mayinja ga Katonda ag'omuwendo agawummulidde wansi eyo mu ttaka. Naye emmeeme zaabwe ziri wansi wa kyoto kya Katonda. Tebali mu mbeera mwe bateekwa kuba. Weewaawo, bali mu mubiri, naye mubiri ogw'omwoyo. Era bakaabirira Katonda nga babuuza nti, "Kiseera kyenkana wa ekisigaddeyo?" Basobola okweraba, naye tebasobola kukwatagana mu ngalo, ekyo kye kika ky'omubiri gwe balina.

65 Ssinga osisinkana maama wo mu Kitiibwa akawungeezi kano, ssinga oba ogenze, tosobola kumukwata mu ngalo kubanga talina mukono gwa ngeri eyo. Tosobola kuwulira mukono gwe nga bw'oguwulira kati. Kubanga, obusimu obutaano bwe bwateekebwa mu mubiri guno, okusobola okugufuga. Ggwe okuwulira nti waali obeera ojja kukiwulira mu ngeri ndala.

66 Kiringa omwami n'omukyala. Mu Ggulu, tewalibaayo kuwasa, na kufuumbirwa. Lwaki? Kubanga okwagala okuliyo kwa njawulo. Teriiyo kwegomba kwa kwegatta wakati wa

musajja na mukazi. Ebintu ebyo byonna biba biweddewo. Obeera olongooseddwa nga oli mulongoofu.

Naye tobeerangako mu mbeera eyo, n'olwekyo tewatonderwa kubeera mu mbeera eyo. Ogibeeramu nga olindiridde bulindirizi. Naye obeera oyaayaana okukomawo mu mbeera mwe watonderwa nga omusajja era nga omukazi, era awo Katonda w'aliyimusizza omubiri ogwo okuva mu nfuufu y'ensi n'agugulumiza. Awo w'olisobolera okulaba, n'okulega, n'okukwatako, n'okuwunyiriza n'okuwulira, n'okutabagana. Tetulimanya . . .

Tetusobola kunyumirwa bulamu bwa Malayika. Tetwatondebwa kubeera Bamalayika. Katonda weewaawo yatonda Bamalayika. Naye nze naawe Yatutonda, tuli basajja na bakazi. Eyo y'enkula gye tulibeeramu, emirembe gyonna, mu Kujja Kwe okw'omukisa.

67 Kati, mulabeeyo engeri gye baagwamu, kubanga baayonoona ne batatuuka ku kitiibwa. Katonda yabalaga Empagi y'Omuliro. Yabalaga obubonero n'ebyewuunyo. Yabakulembera n'abafulumyayo. N'abaleeta mu kikemo, okubagezesa n'okubakema.

68 Kati, naawe tosisinkanye ebikemo bingi? Tobyemulugunyiza. Sanyuka busanyusi. Katonda ali naawe. Agezaako kugezesa kukkiriza kwo. Laba Yobu mu Ndagaano Enkadde, Katonda bwe yabuuza nti, "Olowoozezza ku muddu wange Yobu, omusajja atuukiridde, omuntu eyatuukirira? Ku nsi tewali amufaanana."

69 "Ha," ssetaani n'agamba, "weewaawo, Wamwetoolooza olukomera: talina mitawaana gyonna, talina kweraliikirira kwonna. Talina kukakaalukana kwa bizibu bya ssente, buli kimu kimutambulira bulungi. Talina bulwadde bumuluma, yadde okulumwa okw'engeri yonna. Nzikiriza mukwatemu. Nja kumuleetera okukukolimira, mu maaso Go."

70 Katonda n'amugamba nti, "Wuuyo mmukuwadde, naye totwala obulamu bwe."

71 O! Yakola buli kimu kyonna okuggyako okutwala obulamu bwe, naye teyasobola kunyeenya Yobu. Yobu yali mukakafu nti ayimiridde era anyweredde ku Kigambo. Ekyo kituufu. Era emizimu gya ggeyeena gyonna tegyayinza kumunyeenya, kubanga yali akimanyi bulungi nti ssaddaaka eyo yagiwaayo. Yali mutuukirivu. Weewaawo baamuvunaana, ne bamugamba nti, "Yobu, Wayonoona, era Katonda ali mu kukubonereza." Naye yali akimanyi nti Katonda yali ta . . . nti yali tayonoonye eri Katonda. Yali akimanyi nti mutuukirivu. Si lwa kuba yali musajja mulungi, naye kuba yali akkiriza ekiweebwayo ekyokebwa ekyaweebwayo ku lulwe.

72 Era, akawungeezi kano, tukimanyi nti obulamu bwe bwakakasa nti yali mutuukirivu. N'olwekyo bw'oba . . . Kati togezaako kugenda waka mu Kitiibwa lwakuba ogezaako

okuyamba muliraanwa wo; weewaawo kirungi. Si kubanga weegatta ku kkanisa; ekyo weewaawo kirungi. Naye ogenda eka mu kitiibwa kubanga okkiriza obutuukirivu bwa Yesu Kristo, so ssi ekyo ky'okoze nga ggwe.

73 Kati, nga bwe tweyongera okusoma.

> *Kubanga naffe twabuulirwa enjiri,* . . . (olunyiriri olw'oku 2) . . . *era nga nabo, naye ekigambo ekyabuulirwa tekyabagasa bo, kubanga abo abaakiwulira tebaakigattamu kukkiriza.*

Abaawulira Ekigambo mu bo temwalimu kukkiriza.

74 Mukirowoozeeko, leero, ku buweereza obutono, obwetoowaze Mukama bw'ampadde, wandibaddewo Abamerika obukadde amakumi ana abalokoka, akawungeezi kano. Naye mumanyi bye babwogerako? "Waa, okwo kusoma birowoozo bya bantu. Asoma busomi birowoozo bya bantu. Ebyo tebiriiyo! Ate, tasabira na mu kkanisa yaffe." Mukiraba? Si . . . ne bw'okisimba mu Kigambo n'okakasa nti ddala Kigambo kya Katonda, kisuubizo kya Katonda, ssaayansi ne bw'akikakasa atya nti kituufu, era tebasobola kukkiriza. Bayibuli egamba tebasobola.

75 Oyinza okwebuuza nti, "Kati kigasa ki okukibuulira?" Katonda ateekwa okuba n'omujulirwa, ow'okubasalira omusango, ku Lunaku luli. Ekigambo kyabuulirwa era ne kikakasibwa mu makkati gaabwe, naye ne bawaganyala ne bakiyitako nga abatakimanyi. Tewali kisigadde okuggyako omusango. Katonda mu bwenkanya tayinza—tayinza kusalira ggwanga musango mu bwenkanya nga eggwanga eryo terisoose kufuna kusaasirwa nga terinnasalirwa musango. Ye Katonda. Tasobola kukikola.

76 Kati kiki kye twogerako?

> *Kubanga ffe . . . okukkiriza* naffe *tuyingira mu kiwummulo ekyo, nga bwe yayogera nti, Nga bwe nnalayirira mu busungu bwange, nti tebaliyingira mu kiwummulo kyange: newankubadde nga emirimu* gyali *gyaggwa okuva mu kutondebwa kw'ensi.*
>
> *Kubanga waliwo w'ayogerera* ku—ku *lunaku olw'omusanvu bw'ati,* . . .

77 Kati, ssaagala kulumya bantu, nga nvumirira eddiini zaabwe. Ekyo si kye kigendererwa kyange. Bwe mbeera ebweru eyo mu njiri, mbuulira enjigiriza enkulu eza bulijjo, ezisookerwako, ezikwata ku bulokozi. Naye bwe mbeera wano mu kkuŋŋaaniro, mu baana bange, mpulira nga nnina eddembe okubuulira bye ndowooza okuba nti ye Njigiriza entuufu era ge Mazima. Mukiraba? Ndowooza ekyo tekiriimu kabi konna.

78 Kati, nnina mikwano gyange abalungi ddala abakuuma ssabbiiti abali eyo mu nkumi na nkumi, Abaseveniside

Abaadiventi. Abamu ku mikwano gyange abasingayo be nnina, abamu ku bo Baseveniside Abaadiventi.

Newankubadde nga, ekiwayi kyabwe ekikulu, ekiyitibwa, e—*Eddoboozi ly'Obunnabbi*, bo bampakanyiza ddala. Baagamba mbu nnasinziira ku kituuti, ne ŋŋamba mbu, "Ndi Katonda. Era nti—nti Ekitangaala kino ekingoberera nti oyo Malayika, nze Katonda. Era nnajja mu nsi okukola ebintu eby'amaanyi, okukakasa abantu nti nze Katonda." Kati, ekyo ab'*Eddoboozi ly'Obunnabbi* kye banjogerako, mu California. Era ekyo yenna eyakyogera, mukimanyi nti, yayogera ekintu, ekitali kituufu.

79 Naye kati okusooka kwa byonna, ssigenderera kulumbagana kkanisa ya Baseveniside Abaadiventi oba ekkanisa endala yonna ekuuma Ssabbiiti, wabula nkikola ku lwa Njiri. Mu ddakiika ntono, n'Abapentekoote, nabo, tujja kuboogerako. Weewaawo. Mazima. Ne Ababaputisiti, nabo tujja kuboogerako tulage nti Katonda talina kibiina kya ddiini kyonna ky'attira ku liiso. Bwe kiri. Ye akkiririza mu muntu ssekinnoomu. Era Takolagana na kibiina kya ddiini kyonna, Takikolangako era talikikola, okusinziira ku Kigambo Kye. Naye Akolagana na bantu kinnoomu mu buli kibiina kya ddiini kyonna. Weewaawo, Katonda akolagana na muntu kinnoomu.

80 Kati kino mukiwulirize bulungi, era singa, walibaawo akaseera konna, ekibuuzo ekyo ne kikubuuzibwa, kiriba kyayanukulwa. Kaakano, Mukama atuyambe.

81 Kati, n'obwegendereza, "Kubanga . . . " Olunyiriri olw'oku 4.

> *Kubanga waliwo w'ayogerera ku lunaku olwomusanvu bw'ati, . . .*

82 Kati mwekkaanye. Ayogera ku ssabbiiti. Bameka abakimanyi nti ekigambo *s-s-a-b-b-i-i-t-i* mu Lwe- . . . kigambo eky'Olwebbulaniya ekitegeeza "e-k-i-w-u-m-m-u-l-o"? Ekyo bameka abakimanyi, mu Lungereza? Mazima ddala. *Ssabbiiti* tekiwulikika nga ekigambo ekiri awo ekitategeerekeka? Bwe kiri.

83 *Okutukuza* tekiwulikika nga ekigambo ekitategerekeka? *Okutukuza* kigambo kya Luyonaani. *Okutukuza* kitegeeza "okufuulibwa omutukuvu." Mu Lwebbulaniya, kitegeeza "okufuula ekintu ekitukuvu." Mu Luyonaani, kitegeeza "kutukuza." Mu Lungereza, kitegeeza "kulongoosa."

84 *Ssabbiiti* kitegeeza "olunaku olw'okuwummula." Ekyo ssabbiiti ey'edda kye yali, lwali lunaku lwa kuwummula. Bw'olaba *ekiwummulo*, kitegeeza "ssabbiiti." Kikebere mu nzivuunula eyasooka, bw'oba olina Bayibuli ey'Oluyonaani, olabe oba nga ekigambo . . . Bw'oba olina Bayibuli eyasengekebwa Scofield, kebera mu muwaatwa awali ebyawandiikibwa ebirala ebijuliza ku "kiwummulo" olabe oba

tekiikukomyewo ku *ssabbiiti. Ssabbiiti* kitegeeza "kiwummulo." Kale.

85 Kati mwekkaanye.

> *Kale tutyenga, nti, okusuubiza nga bwe kukyatulekeddwawo* okw'okuyingira *mu* ssabbiiti ye, *ekiwummulo, . . .*

86 Kati, abantu bangi bakuuma nnaku, okugeza ne bakuuma *Olw'omukaaga* nga olunaku olwa ssabbiiti. Abalala *Ssande* ne bagifuula ekifaananyi, olunaku olw'okusinza. Naye olw'ekisa kya Katonda, nga nneeyambisa Ekigambo kya Katonda, Katonda annyambe akawungeezi kano, nsobole okubakakasa nti bombi bakyamu. Bombi oyo asinza olunaku olwa Ssande n'oyo akuuma ssabbiiti, bombi bakyamu nnyo ddala okusinziira ku Kigambo. Ye ate era, mu byonna Ekigambo kye tulina okugoberera, si ekyo Abaadiventi kye bagamba, oba abaawakanya Obukatuliki kye bagamba, oba Abakatuliki kye bagamba. Wabula ekyo Bayibuli ky'egamba.

87 Kati, kati mwetegereze.

> *Kubanga waliwo w'ayogerera ku lunaku olwomusanvu bw'ati, . . .*

Kati tugenda kubaako ne kye tussaawo nga *kino*, era tukiyite—tukiyite, "Ekiwummulo kya Katonda," olunaku olw'omusanvu.

88 Kati mwekkaanye. "Era Katonda . . ." Kati muwulirize Ekyawandiikibwa kino.

> *. . . Katonda n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu mu* mirimu *gye gyonna.*

Katonda yalina Ssabbiiti, era olunaku olwo olw'omusanvu lwalimu emyaka lukumi, ekifaananyi ekyoleka okufuga okw'Emyaka olukumi.

> *Kubanga waliwo w'ayogerera . . . ku lunaku olw'omusanvu bw'ati, Nti Katonda n'awummula . . . mu*—mirimu *gye*.

Nnakasigirwa ey'omuntu omu nti, "Emirimu *Gye* gyonna." Yawummula ku lunaku olw'omusanvu. Oyo Katonda.

> *Era nate mu kifo kino* (wansi w'amateeka), *Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.*

89 Katonda yawummula, mu buliwo, kubanga Yali amaze okukola eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga, bw'atyo ku lunaku olw'omusanvu n'Awummula mu mirimu Gye gyonna. Yawummula okumala emyaka lukumi. Kubanga Bayibuli egamba, nti, "Olunaku lumu ku nsi lulinga emyaka lukumi mu Ggulu; ate emyaka lukumi mu Ggulu giri nga olunaku lumu ku nsi." Bameka abakimanyi nti Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba mu Peetero Eky'okubiri? Kale. "Katonda

yawummula ku lunaku olw'omusanvu. Era n'Ayogera bw'ati mu kifo ekimu."

90 Kati muwulirize n'obwegendereza.

Kubanga waliwo w'ayogerera ku lunaku olw'omusanvu bw'ati, Nti Katonda n'awummula . . . *mu mirimu gye gyonna.*

Era nate ne mu kino nti, (mu mateeka), *Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.*

Yawa Abayudaaya, ssabbiiti ey'olunaku olw'omusanvu, bwe baali mu lugendo lwabwe nga bava mu nsi ensuubize, manya, nga bava e Misiri bagenda mu nsi ensuubize.

91 Kati muwulirize.

Kale kubanga kisigaddeyo abalala okukiyingiramu, ne bali *be kyasooka okubuulirwa* . . .

Ekiwummulo! Katonda yabawa amateeka, era ssabbiiti lye lyali eteeka ery'okuna.

. . . *ne batayingira olw'obutakkiriza:* . . .

92 Kati mwetegereze. Yali ayogera ku mateeka, engeri gye baayingiramu, nga tebalina kukkiriza. Tebaagikuuma. Baakuuma ssabbiiti nga ekijjukizo, eky'okubajjukizanga nti baali bagenda mu nsi eya ssabbiiti, okufuna ekiwummulo eky'emirembe n'emirembe okuva mu mitawaana gyabwe gyonna n'okweraliikirira kwabwe kwonna, nga tebakyalina babakozesa, tebakyalina biro bya kusula nga tebeebase. Baali mu lugendo lwabwe nga bagenda mu nsi ensuubize ey'ekiwummulo. Yali ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki. Emizabbibu gyali minene nnyo okutuusa nti ekirimba kimu bwe kiti kyalina kwetikkibwa abasajja babiri ku bibegabega byabwe. O, nga yali nsi ey'ekiwummulo ekirungi! Naye bwe baatuukayo baalemwa okugifuna, olw'obutakkiriza bwabwe. Baawugulwa, nga baakatambulako mayiro amakumi ana gokka okuva e Misiri, okugenda mu nsi ensuubize. Era kyabatwalira emyaka amakumi ana okutuukayo, olw'obutakkiriza bwabwe. Katonda yabawa nnabbi waabwe, n'amuwa akabonero Ke, n'amuwa Empagi y'Omuliro, n'ayolesa obubonero n'ebyewuunyo, n'ababuulira Enjiri. Naye ne balulunkanira, ebyennyanja n'emigaati, ne bafiira mu ddungu. "Emirambo gyabwe ne gizikiririra mu ddungu."

93 Yesu, ku luzzi, bwe Yagamba.

Baamugamba nti, "Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu, okumala emyaka amakumi ana."

94 N'abagamba nti, "NZE Mugaati ogwo ogw'Obulamu oguva mu Ggulu eri Katonda. NZE Mugaati ogw'Obulamu. Ogwo si gwe mugaati Musa gwe yabawa. Ogwo Omugaati Kitange

y'agugaba. Era NZE Mugaati oguva mu Ggulu eri Katonda. Guno Ggwo omuntu yenna bw'agulyako, talifa." Eyo ye njawulo.

95 Kati mwetegereze. Baamugamba nti Ya. . . "Baanywanga okuva mu Lwazi olwali mu ddungu, okumala emyaka *egiwerera* ddala."

96 Yagamba nti, "NZE Lwazi olwo." Erinnya Lye Ettukuvu lyebazibwe! "NZE Lwazi olwo."

Ayinza atya okuba nga Ye Lwazi olwo? Olwazi olwo lwali Lwazi lwa mwoyo. Lwagobereranga abaana ba Isiraeri. Era Musa yalina omuggo mu mukono gwe, nga gwe gwali omuggo gwa Katonda ogw'okusala omusango. Katonda n'amugamba akube Olwazi, n'akuba Olwazi. Era bwe yalukuba, Olwazi ne luvaamu amazzi. Era Kristo ye yali Olwazi olwo, era omusango gw'ekibonerezo kya Katonda olw'ekibi gwateekebwa ku Ye. "Katonda yamuteekako obutali butuukirivu bwaffe bwonna," era obutali butuukirivu obwo ne bwabya omutima Gwe. Era okuva mu mutima Gwe ne muvaamu Omwoyo Omutukuvu, nga emigga egy'amazzi, eri abantu abaabula, abali mu kufa.

"NZE Lwazi luli olwali mu ddungu."

"Kati," omu n'amubuuza nti, "Oyagala kuŋŋamba nti . . . "

97 Yabagamba nti, "Musa, eyabagamba ebyo, yayagala nnyo okulaba olunaku Lwange. Era n'alulabako kitundu."

98 Oli n'amubuuza nti, "Kati, Oyagala kutugamba mbu Oli mukulu okusinga Musa? Mbu Walaba Musa? Nga Musa kasookedde afa waakayitawo emyaka lunaana." N'agamba nti, "Kati tukitegedde Oliko dayimooni," amakulu nti, mulalu. "Kati tutegedde Oli mulalu."

99 N'agamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI. Nze NDI OMUKULU eyali mu kisaka ekyaka. Nze Muliro guli ogwali mu kisaka ekyaka. Nze Malayika oli eyabakulemberanga." N'agamba nti, "Nnava eri Katonda, era Nzirayo eri Katonda." Era Yava eri Katonda, n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli; n'addayo mu kubeera Empagi y'Omuliro eri y'emu.

Era Wuuno wano, akawungeezi kano, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, "nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," nga akola ekintu kye kimu, nga akulembera abaana Be ab'omukisa.

100 Era bangi bajja. . . olw'obutakkiriza. Kati, agambye nti, "Yayawula olunaku," olunaku Katonda lwe yamaliriza emirimu Gye. Oluvannyuma, "N'ayawula 'olunaku olulala,' bw'ati, nti bwe baliwulira, bwe balijja, abakuuma ssabbiiti, n'okugoberera okuboneka kw'emyezi n'ebirala." Ebyo ab'oluganda Abaadiventi bye bagezaako okubazzaamu.

101 Kati leka tweeyongere okusoma. Mulabeeyo.

Kale kubanga . . . abalala okukiyingiramu, ne bali *be kyasooka okubuulirwa tebaayingira olw'obutakkiriza.*

102 Kati, olunyiriri olw'o 7. Ha, bannange! Leka ŋŋambe nti, Ebyawandiikibwa byaluŋŋamizibwa ne mu kubala. Leka ŋŋambe nti, Ebyawandiikibwa, byaluŋŋamizibwa, mu buli ngeri yonna. Ebibalo bya Bayibuli tebiriiko kamogo.

103 Mwali mukyetegerezza nti eggwanga lino ery'Amerika liri nnamba kkumi na ssatu mu buli kimu kye likola? Mukimanyi nti lyatandika lirina amatwale kkumi n'asatu? Mukimanyi nti bendera okusooka yalina emmunyeenye kkumi na ssatu? Mukimanyi nti buli kimu Amerika ky'ekola kigwa mu muwendo gwa kkumi na ssatu? Mukimanyi nti erabikira ne mu Bayibuli mu Kubikkulirwa 13? Ddala bwe kiri. Ensolo entono, omwana gw'endiga ogwava mu mazzi, ssi mu nkuyanja ne nnamungi w'abantu, . . . si mu mazzi, wabula mu ttaka, omutabeera nsolo. Nga erina obuyembe bubiri: obutegeeza obuyinza obw'eby'obufuzi n'ebw'eddiini. Era yali mwana gwa ndiga: ekitegeeza eddembe ly'okusinza. Bwe waayitawo akaseera, ne zitambula zombi era n'eyogera nga ogusota, n'ekozesa obuyinza bwonna Rooma bwe yalaga mu kusooka. Eggwanga lyaffe ekyo kye lyolekedde. Mufune we mukiwandiika. Mwetegereze Omukago ogugatta Amakanisa n'Obukatuliki bwe bineegatta awamu, mulabe ekinaddirira.

104 Abantu abagoberera Empagi y'Omuliro eky'amazima bajja kusanga akaseera akazibu ddala, naye baliba beetegese okuwanyisibwa mu kiseera ekyo, ekyo kituufu, nga beeteeseteese okugenda. "Kubanga Omwana gw'endiga yabawangula," Bayibuli bw'egamba, "wamu n'abo abamugoberera, kubanga baali bayitibwa abalonde era abeesigwa, Abalonde ba Katonda." Kati ngezaako okwewala okuyingira mu bunnabbi obwo, tusobole okumaliriza ensonga eno.

105 Muwulirize n'obwegendereza, essuula ey'o 7, e . . . Manyanga essuula ey'o 4, olunyiriri olw'o 7. Musanvu gwe muwendo ogw'okumaliriza. Ssatu gwe muwendo ogw'Obulamu. Musanvu gwe muwendo ogw'okumaliriza, era kino kiwa ssabbiiti etuukiridde.

"Era nate," mujjukire nti, ayogedde ku, "Katonda," ku nsonga eno. N'ayogera ne ku "mateeka," ku nsonga eno. Era nate, n'agamba ne bwe, "Yayawula olunaku," olunaku olw'okusatu, omulundi ogw'okusatu.

Nate, ayawula olunaku, *olunaku gundi, ng'ayogerera mu Dawudi, Nti leero, oluvannyuma lw'ebiro ebingi; . . . Leero, oluvannyuma lw'ebiro ebingi; nga bwe kyogeddwa nti, Leero bwe munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza* mutima *gwammwe.* (Mwekkaanye.)

> . . . *singa Yesu yabawa ekiwummulo* (nga ye ssabbiiti), . . . *teyandyogedde* ate *ku lunaku lulala oluvannyuma lw'ebyo.*

Emirembe gyakyukira ku Yesu Kristo: okuva mu mateeka okudda mu kisa, okuva mu bikolwa okudda mu kisa, okuva mu ekyo ky'okola nga ggwe okudda ku ekyo Katonda kye yakola, si kusinziira ku bulungi bwo wabula ku bulungi Bwe. Gyakyuka.

106 Musa bwe yava mu ddungu, n'amateeka, yagamba nti, "Toyendanga. Tobbanga. Tottanga. Okuumanga olunaku lwa ssabbiiti nga lutukuvu." Yesu bwe yava mu ddungu. . . Musa bwe yajja, ssetaani n'amukema. Ssetaani olwali okumukema ati, n'awangulwa ekikemo. Musa yalina obunafu bwe. Bameka ababumanyi? Bwali busungu. Era olwali okubalengera ati nga basinza ennyana ekoleddwa mu zaabu, amateeka n'agakasuka eri n'agamenya, nga kiraga nti obwakabona obwo bwali bwa kumenyebwa. Oluvannyuma Katonda n'addamu n'agamuwa.

107 Naye Yesu bwe yava mu ddungu, nga amaze ennaku amakumi ana nga asiiba, enjala Yali emuluma, bwe bunafu bwokka bwe Yalina. Ssetaani n'ajja gy'Ali n'amugamba nti, "Bw'oba Oli Mwana wa Katonda, kyusa amayinja gano gafuuke emmere. Kolayo wano ekyamagero. Nkulabe nga Okikola, nange nnaakukkiriza."

108 Yesu yamuddamu nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.'" Yakimanyirawo awo nti ku luno ono gw'asisinkanye si Musa, kubanga Yeŋŋanga Kigambo.

109 N'amulinnyisa waggulu ku kitikkiro kya yeekaalu, n'amugamba nti, "Bw'oba Oli Mwana wa Katonda, buuka Ogwe wansi." *N'asiiga akabubi*, si n'anokola, naye n'asiiga akabubi ku Kyawandiikibwa. N'agamba nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Alikulagiriza ba Malayika, balikuwanirira, Oleme okwesittala ekigere Kyo ku jjinja. Alikuwanirira.'"

110 Yesu n'agenda butereevu mu Kigambo, n'amunenya.

111 N'amutwala waggulu ku lusozi n'amulaga Amerika ne Bugirimaani ne Switzerland, n'amawanga g'ensi gonna, agaali ag'okubaawo, n'amugamba nti, "Gonna gange. Ngakola nga bwe mba njagadde." Tekyewuunyisa tulina entalo n'emitawaana. N'agamba nti, "Ngakola nga bwe mba. . . " Tekyewuunyisa abakazi bambala nga bwe bambala. . . ne wataba n'abakuba ku mukono, ka gabeere amateeka. Gonna ssetaani y'agalinako obuyinza. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Ssetaani yagamba nti, "Gange. Ngakola kyonna kye mba njagadde." N'amugamba nti, "Naawe bw'Onansinza, nja kukufuula kabaka nga nze."

112 Yesu n'amugamba nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Osinzanga Mukama Katonda wo yekka, era gw'onaaweerezanga.' Dda ennyuma Wange, Ssetaani."

Lwaki? Yesu yali akimanyi nti alibisikira mu kufuga kuno okukulu okw'Emyaka olukumi, Obwakabaka Bwe bwe buliba buzze. "By'oyagala bikolebwe ku nsi nga bwe bikolebwa mu Ggulu." Tewaliddamu kubaawo kwambala mpale nnyimpi. Tewaliddamu kubaawo kunywa mwenge. Tewaliddamu kubaawo kwegomba. Tewaliba bwenzi nate. Tewaliba kufa nate. Tewaliba nnaku nate. Alifuuka omusika wa buli ggwanga. Gonna gage. Ekyo kituufu. Gage, era Aligasikira. Naye Ssetaani agalina okumala ekiseera, kye kiseera kye tulimu, leero.

113 "Naye Yayawula olunaku, nga ayogera nti, 'Leero, oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti.' N'agamba nti, 'Temukakanyaza mutima gwammwe.'"

> *Kuba Yesu* bwe yandibawadde *ekiwummulo,. . . teyandyogedde* ate *ku lunaku lulala oluvannyuma lw'ebyo*.

114 Muganda wange Omwadiventi, laba Ekyo. Pawulo ky'ayogedde, wano. Era Pawulo agamba, ne mu Abaggalatiya 1:8, bwe wabaayo awandiika wansi ebyawandiikibwa, Abaggalatiya 1:8, "K'abeere Malayika avudde mu Ggulu ssinga ajja n'abuulira Enjiri endala ekontana ne gye mbuulidde, akolimirwe." Pawulo agambye nti, "Ssinga Yesu yali yabawa olunaku olw'Okuwummula . . . "

115 Mulabe, bwe Yava ku lusozi. N'akka. Yali amaze okuwangula ssetaani. Yali afukiddwaako amafuta, nga yeetegekedde obuweereza Bwe. N'abagamba nti, "Mwawulira ab'edda, bwe baagamba nti, 'Tottanga,' naye Nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, awatali nsonga, nga amaze okutta. Mwawulira ab'edda, nga boogera," ensangi zino, abo abakuuma ssabbiiti. "Mwawulira bwe baagamba, ab'edda, wansi w'amateeka nti, 'Toyendanga.'" Walina okukwatibwa mu kikolwa, okusingisibwa omusango. "Naye Nze mbagamba nti, buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba nga amaze okumwendako mu mutima gwe." Byawukana! N'abuuka etteeka eryo ery'okuna. Naye Yabawa Ekiwummulo?

116 Leka tulabe kye yagamba. "Dawudi yagamba nti, 'Oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti, walijja Ekiwummulo ekituukiridde.'" Katonda yawummula emirimu Gye, ku lunaku olw'omusanvu. Katonda yawa omukisa olunaku olwa ssabbiiti, n'aluwa Abayudaaya mu ddungu, bw'ati. Tebaayingira. . . olw'obutakkiriza, kubanga Ekigambo tebaakigattamu kukkiriza. "Era nate, Ayawula olunaku gundi, nga ayogera mu Dawudi nti, 'Oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti.'"

Oluvannyuma lw'ebikumi n'ebikumi by'emyaka nga Dawudi amaze okufa, Omwana wa Dawudi yali wa kujja, nga ye Yesu, "Era bwe baliwulira Eddoboozi Lyange, temukakanyazanga mitima gyammwe." Katonda agenda kwogera eri mutima.

117 Kati mwekkaanye, olunyiriri olw'o 9, eri mmwe abasoma. "Singa Yesu yali abawadde ekiwummulo," olunyiriri olw'o 8, "Teya . . . ndyogedde ku lunaku lulala."

118 Singa waali wa kubaawo ssabbiiti, singa kyali kyetaagisa okukuuma Ssande, Yandikyogeddeko. Singa Yagamba nti, "Kaakano ssabbiiti tekyaliwo, tewakyali kukuuma lunaku lwa musanvu, kati olwa Ssande lwe Njagala mukuume," Yandikyogedde. Pawulo agamba Yakyogera. Yandigambye kimu nti, "Mwenna musinzenga ku Ssande. Ekyo kye kiwummulo." Era, ssinga Yali ayagala bakuume ssabbiiti, Yandigambye nti, "Mugende mu maaso nga mukuuma olunaku olw'omusanvu. Naye kati Njagala olwa Ssande lwe muba mukuuma, olunaku olw'omunaana." Nedda. Teyakyogera.

119 Abuuza nti, "Ssinga Yesu yali yabawa olunaku, teyandirwogeddeko?"

120 Kati olunyiriri olw'o 9. Mwetegeke.

> *Kale wasigaddeyo ekiwummulo eri abantu ba Katonda,* okukuuma-ssabbiiti *eri abantu ba Katonda.*
>
> *Kubanga* oyo *ayingidde mu kiwummulo kye* (ekya Kristo), *era naye* aba *awummudde mu mirimu gye, nga Katonda bwe yawummula mu gigye,* ku ssabbiiti.

121 Mukiraba? Kati leka tufune Ebyawandikibwa ebinyweza kino. Kale. Katonda bwe yakola ensi mu nnaku mukaaga, Yawummula ku lunaku olw'omusanvu, era teyaddamu kukola. Erinnya lya Mukama lyebazibwe. Yazimba ensi, n'agiteekako ebitonde, n'agenda n'awummula; era teyakomawo nate, kubaako na ky'ayongera ku nsi. Yamaliriza emirimu, n'agenda n'awummula. Kati, ku . . . Kati, emyaka egyo olukumi bwe gyayitawo, awo ekibi ne kiyingirawo; awo Kristo n'alabisibwa mu kifaananyi, Omwana gw'endiga ne gulabisibwa mu kifaananyi. Kati, kino kyaweebwa Abayudaaya nga ekifaananyi ekyoleka Ekiwummulo eky'olunaku olw'omusanvu.

> Kati, yayawula olunaku *olulala ng'ayogera mu Dawudi nti, . . . oluvannyuma lw'ebiro ebingi,* walibaawo ekiwummulo ekirala.

122 Kati Ekiwummulo ekyo kye kiki? Mubikkule nange mu Matayo, essuula ey'e 11, era ekitundu ekisembayo eky'essuula ey'e 11 ey'enjiri y'Omutukuvu Matayo. Awo Yesu nga awumbawumba obubaka Bwe bwe yabuulirira ku lusozi, mulabe kye Yayogera.

123 Yayogera n'agamba nti, "Buli muntu atunuulira omukazi, okumwegomba, ng'amaze okwenda naye mu mutima gwe. Buli muntu asunguwalira muganda we, awatali nsonga, aba amaze okutta muganda we." N'ayogera n'ebintu ebirala bino byonna, naye etteeka eryo ery'okuna Teyalikwatako, nga ye ssabbiiti.

124 Kaakano Awumbawumba. Ate Ssabbiiti Kisuubizo kya Katonda ekikulu ddala. Kiwummulo. Kati, kati mwetegereze wano, nga Amalirizza okuyigiriza ku bisaanyizo bya bannamukisa. Agamba bw'ati, olunyiriri olw'a 27 olw'essuula ey'e 11 ey'enjiri y'Omutukuvu Matayo. Bwe, Yali ayigiriza ku bisaanyizo bya bannamukisa mu suula ey'oku 5.

> *Ebintu byonna byankwasibwa Kitange,* mu mukono gwange: *so tewali muntu amanyi Omwana wabula Kitaawe;* . . .

Mukiraba, tosobola kumanyaako omu nga omulala tomumanyi, kubanga Ye yali Kitaffe nga alabisiddwa mu mubiri.

> . . . *so tewali muntu amanyi Kitaawe, wabula Omwana,* . . .

125 Kirabika nga Ekyo abantu kye bandibadde balaba ne bataddamu kukuba mpaka. Mazima ddala. Katonda takolebwa Bantu basatu. Bw'Aba alimu Bakatonda basatu, kitegeeza tuli bakaafiiri. Ku basatu Katonda y'aliwa? Abasatu, abo bonna, oyo Katonda omu, ezo woofiisi ssatu eza Katonda omu. Yali Kitaffe, mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, mu Mpagi y'Omuliro eri eyali mu ddungu. Yali Mwana, bwe Yakozesa woofiisi ey'Omwana. "Esigadde akaseera katono ensi obutandaba nate; Nja kugenda. Ndikomawo nate mbeere nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Mukiraba? Ye Kitaffe, ye Mwana, era, ye Mwoyo Omutukuvu. Ebyo byonna ye Katonda y'omu nga akolera mu woofiisi ssatu: eya Kitaffe, ey'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Ta . . .

Yokaana Ekisooka 5:7 wagamba nti, "Waliwo basatu abawa obujulizi mu Ggulu, Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Abasatu bano bali Omu."

126 Tomasi yamugamba nti, "Mukama waffe, tulage Kitaffe." Nti kale kinaamumala.

127 N'amubuuza nti, "Kasookedde mbeera nammwe ebiro ebingi bwe bityo, era tontegeeranga?" N'amugamba nti, "Alabye ku Nze, ng'alabye ku Kitange. Kaakati ggwe kiki ekikwogeza nti, 'Tulage Kitaffe'?"

128 Kati, ekyo ab'enzikiriza y'Obwannamunigina baakikwata bubi, ekibinja ky'ab'enzikiriza y'obwannamunigina, bagezaako okufuula Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, okubeera woofiisi emu bw'eti era mu kifo kimu, nga bw'olaba olugalo lwo, lumu bwe luti. Ekyo kikyamu. Katonda yali tasobola . . . Yesu yali tasobola kuba nga ate Ye yeezaala. Ssinga bwe kyali, kyandibadde Kitegeeza Ya . . . Naye, kati ddala Yali ayinza atya okubeera nga Ye yeezaala?

129 Ate ne Katonda bw'aba muntu, wa njawulo ku Mwoyo Mutukuvu, kitegeeza Yesu yalina ba taata babiri. Kubanga

Bayibuli egamba, nti, "Omwoyo Omutukuvu yasiikiriza Malyamu n'aba olubuto." Era Bayibuli egamba, mu Matayo 1:18, nti, "olubuto lwe lwa Mwoyo Mutukuvu." Kati kitaawe wa Yesu y'ani, Mwoyo Mutukuvu oba Katonda? Bombi, kuba ye Mwoyo y'omu, bwe kitaba bwe kityo okuzaalibwa kwe kuba kwa mawemukirano nga yazaalibwa emyoyo ebiri.

Eyo njigiriza eyagunjibwaawo Obukatuliki, era tebangako njigiriza ya Bayibuli. Martin Luther ye yavaayo nayo, n'enjigiriza z'Obukatuliki endala mpitirivu eziri mu kkanisa y'Abaluzalaani. Wesley n'agenda nayo mu maaso. Ne leero ekyagenda mu maaso, naye nsobi. Si ge Mazima. Tegabangako mazima, tebangako Njigiriza ya Bayibuli. Teribangako tteeka mu Bayibuli, okuyigiriza Bakatonda abasatu.

Waliwo Katonda omu. Yesu yagamba nti, "Wulira, Ggwe Isiraeri, Nze Mukama Katonda wo, Katonda omu," si Bakatonda basatu.

130 Mu Afirika, bakubatiza ne bakunnyika omulundi gumu ku lwa Kitaffe, n'omulala ku lw'Omwana, n'omulala ku lw'Omwoyo Omutukuvu. Awo Omuyudaaya w'ajjira, n'ababuuza nti, "Ku basatu Katonda wammwe y'aliwa? Y'ani ku basatu, ye Kitaffe, ye Mwana, oba ye Mwoyo Mutukuvu?" Bonna, abasatu, bali Omu. Bayibuli egamba bali Omu.

131 Yesu yali nnyumba Katonda gye yabeeramu. Bayibuli egamba nti—nti, Timoseewo Ekisooka 3:16 nti, "Awatali *kukubagana mpawa*," (nga kwe, "kuwakana") "ekyama eky'okutya Katonda kikulu. Kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri, n'alabibwa Bamalayika, n'atwalibwa . . . n'abuulirwa, n'akkirizibwa, n'atwalibwa mu Kitiibwa." Yali Katonda. Bayibuli egamba nti, "Erinnya Lye aliyitibwa *Emmanweri,* amakulu gaakyo nti, 'Katonda ali naffe.'" Bayibuli egamba, nti, "Yesu, mu Ye mwe mwali obulamba bwa Katonda bwonna mu mubiri."

132 Nga bwe twakiyigako ekiro kya luli: Katonda, ku lubereberye, yali Mwoyo. Okuva awo, mu Katonda, ne muvaamu Logos, oba omubiri ogw'enkula ey'omwoyo, ogwali mu nkula nga ey'omuntu, ogwayitibwa Omwana wa Katonda, eyali tannaba kulabisibwa. Yajja mu nsi, mu mubiri gw'omuntu, nga tannajjira mu gwa Yesu Kristo. Kati ekyo kimire omulundi gumu, ow'oluganda. Ŋŋenda kukukakasa nti ddala bwe kiri.

133 Musa bwe—bwe yamulaba. Yamusaba n'amugamba nti, "Mukama, nsaba onzikirize ndabe bw'Ofaanana." Katonda n'amukweka mu lwazi. Era bwe Yayitawo, agamba nti, "Gwali nga omugongo gw'omuntu." Ogwo gwali Mubiri guli ogw'enkula ey'omwoyo. Mazima ddala bwe kiri.

Kati, Omubiri ogwo ogw'enkula ey'omwoyo gwali gulina okufuuka omubiri ogw'ennyama. Si kufuuka Muntu mulala,

wabula Omuntu y'omu yalina okufuuka omubiri ogw'ennyama, okusobola okukuulamu empiso y'okufa.

Nga enjuki bw'eruma, empiso yaayo gy'erumisa egirekamu. Kati ne kufa eyiye teyagireka . . . Weewaawo asobola okufumita omubiri gw'omuntu olw'ekibi. Naye, ow'oluganda, bwe yafumita omubiri gwa Emmanweri guli, empiso ye teyagisigaza. Yee, ssebo. Asobola okuvuuma naye empiso takyalina.

134 Ky'ova olaba, Pawulo, bwe baali bagenda okumutemako omutwe, yagamba nti, "O ggwe okufa, empiso yo eri wa? Osobola okuvuuma n'owuuma nnyo nga bw'oyagala. Ggwe amagombe, obuwanguzi bwo buli luuyi wa? Naye Katonda yeebazibwe oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Yesu Kristo." Kiikyo.

Ekyo okukikola kyali kyetaagisa Katonda Mwene. Yajja n'alabisibwa mu mubiri. Bwe yamala n'Addayo mu Mwoyo.

135 Oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, tonnatubuulira, ddi, Katonda lwe yayambala omubiri bwe Yali tannajjira mu Kristo."

Ibulayimu, lumu bwe yali atudde mu weema ye, wajja Bamalayika babiri ne Katonda, ne bajja gy'ali, mu mibiri gy'abantu, Baali bajjudde enfuufu ku ngoye Zaabwe era nga bakooye, ne Batuula wansi. Ibulayimu n'agenda n'akwata ennyana okuva mu nte, n'agitta. N'ayokyaawo ku nnyama y'omwana gw'endiga. N'afuluma n'a . . . n'agamba Saala afuneyo eŋŋaano agikuŋŋunte, afumbewo emigaati. N'afunayo n'omuzigo gw'amasavu g'ente, n'afuna n'amata. N'abireeta n'abibagabula, Katonda n'abirya.

136 Aleruuya! Ye nsonga lwaki, "Okukkiriza kwange kutunudde gy'Oli, Ayi ggwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo."

137 Mulowooza ekyo kinene nnyo eri Katonda mbu tasobola kukikola? Katonda, Oyo eyakola potashi yenna ne kalisiyamu, na buli kintu kyonna ekiri mu nsi, Yakka wansi n'akyalira Ibulayimu. Yamugamba nti, "Olowooza nsobola okukikukisa, nga ate ggwe ow'okusikira ensi?" Amiina. "Sigenda kukikukisa." Katonda yatoola butoozi . . .

138 Twakolebwa mu birungo kkumi na mukaaga. Yatoolayo butoozi lubatu lwa potashi, ne kalisiyamu, ne petulooli, n'ekitangaala, n'abifuuwamu omukka be "Wuu!" "Yingira mu ogwo, Gabulyeri," omubiri!

139 "Wuuu!" "Yingira mu ogwo, Abusinso." N'aguyingiramu.

Bamalayika babiri, okuva mu Ggulu!

140 Katonda n'atoolayo olubatu lw'ebirungo olulala n'alufuuwamu omukka be, "Wuuu," n'aguyingiramu, Ye yennyini. N'akka wansi, era enjala yali ebaluma. Yeebazibwe . . . Ekyo mukyogerako ki, ab'oluganda Abaadiventi abatalya nnyama? Ekyo tujja kukikwatako, oluvannyuma. Katonda Omuyinza wa byonna, Yakuwa, kebera olabe oba nga Erinnya

lye limu eryo si lye ly'Oli eyali mu kisaka ekyali kyaka omuliro! Aleruuya!

Era bwe Yayimirira ku nsi, Yagamba nti, "Ibulayimu yali tannabaawo, nga NDI, y'Omu eyali mu kisaka ekyaka omuliro." Bwe kiri, Elohim, kebera olabe oba nga si kye kimu. Ye Oyo eyali mu kisaka ekyali kyaka omuliro.

141 Ye Oyo eyali wano mu maaso ga Ibulayimu, mu mubiri gw'omuntu, eyalya ennyama y'ennyana, n'anywa n'amata g'ente, n'alya n'obugaati obusiigiddwaako ssiyaagi. Lyebazibwe Erinnya lya Katonda Ettukuvu! Yaserengetayo n'amugamba nti, "Ssirireka . . . "

Yali akubyeeyo n'omugongo. N'amugamba nti, "Ibulayimu, ŋŋenda kukukyalira, era omwana oyo ogenda kumuzaala. Kati olina emyaka kikumi, ne Saala alina kyenda." Saala, mu weema gye yali, n'agamba, "Ha!" n'aseka munda mu ye. Kye yava abuuza nti, "Saala kiki ekimusesezza?" Nga ali mabega We; nga wakati waabwe waliwo weema.

142 Ibulayimu n'amubuuza nti, "Saala, osese?"

143 "Nedda, sisese."

144 Ye n'amugamba nti, "Weewaawo, osese." Okwo kusoma birowoozo kwa ngeri ki? Kusoma birowoozo kwa nnabaki?

Ne leero Akola ekintu kye kimu. Ye Yakuwa-yire, Yakuwa-rafa, y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Talemererwa.

145 Wuuyo mumulabe. Ayimiridde awo. Yajja n'ayogera ne Ibulayimu; olwamala n'abulawo, n'agenda. Era omukadde Ibulayimu omukulu agamba nti "yayogera ne Katonda maaso ku maaso, Elohim," Katonda y'omu. Mukifuna? Tebali Bantu basatu, ow'oluganda. Wofiisi ze ziri essatu naye nga za Muntu y'omu!

146 Ne ku lubereberye bwe yali, Ye yali Omwoyo ogwo omukulu, Ensulo eyalimu amazima gonna, okwagala kwonna, emirembe gyonna. Buli kintu ekirongoofu kyali mu Nsulo eno. N'etanula okwekolamu omubiri, omubiri ogw'omwoyo, ekika ky'omubiri gwe tugendamu. Si omubiri ogugulumiziddwa, naye omubiri nga, ogwa bamalayika; nga gulina enfaanana, gulina enkula.

147 Buli lwe ndaba omuti, ndowooza muli nti, "Omuti ogwo kifaananyi bufaananyi. Waliyo omuti gwennyini awantu awamu." Omuti ogwo gulina kwe gwakopebwa, waliwo Amagezi ag'enjawulo agaagukola. Era ensi eno kyokka ky'ekola kwe kwoleka ebiri mu Ggulu. Bayibuli bw'egamba. Kale wano bwe waba waliawo omuti ogufa ne gusaanawo, waliyo omulala oguli mu Kitiibwa ogutalisaanawo.

148 Bwe ndaba omusajja, bwe ndaba omugogo gw'abafumbo abalungi abakyali abato, omusajja ne mukyala we, nga batambula mu kkubo, abaagalana nga bali wamu, kiraga ki? Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Waliwo omugogo

gw'abafumbo omulala oguli mu Ggulu abatalifa. "Ensiisira eno ey'omu nsi bw'eribumbulukuka, tulina endala etulindiridde," nga gwe mubiri ogw'omwoyo.

149 Kati awo obusatu we buva: Omwoyo ow'ekitalo, nga ali mu Mwana, Yesu; Yesu nga ali mu Kkanisa. "Ku olwo, mulitegeera nga Ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze, Nange mu mmwe." [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Byonna Katonda bye yali, Yabifukumula mu Yesu; byonna Yesu bye yali, Yabifukumula mu Kkanisa. Kiikyo. "Ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze; Nange ndi mu mmwe, nammwe muli mu Nze." Ogwo—ogwo gwe Mubiri.

150 Ogwo gwe mutawaana ekkanisa gw'erina. Bayigiriziddwa enjigiriza ezitaliimu makulu, eziboonoona endowooza, enfumo obufumo ezitaliiko bukakafu bwonna, ne badda mu kwetawula mu kutegeka ebijjulo by'okwesanyusa n'obubaga bw'okuzannya matatu. Tekyewuunyisa tulina emivuyo gino gyonna gye tulina. Tetwetaaga nteekaateeka za baana na bijjulo bya kwesanyusa. Kye twetaaga y'Enjiri enkakali eri ey'edda, n'abasajja ab'okukkiriza abasowoddeyo ekitala, okusoomooza kyonna ekijja. Kye twetaaga leero, si njigiriza za ddiini na ndowooza eyagunjibwawo akabinja k'abantu abamu. Twetaaga Njiri yennyini enkakali nga ebuulirwa mu Kitangaala wamu n'Amaanyi n'okulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

151 Kati mwetegereze wano.

> Nga bw'agamba nti, yayawula olunaku *olulala, ng'ayogera mu Dawudi,* . . .
>
> . . . *singa Yesu* yali abawadde *ekiwummulo,* . . . *yandibadde* . . . *tayogera ku lunaku lulala oluvannyuma lw'ebyo.*
>
> Naye *wasigaddeyo* . . . *ekiwummulo eri abantu ba Katonda.*
>
> *Kubanga* oyo *ayingidde mu kiwummulo kye,* . . . *ng'awummudde mu mirimu gye, nga Katonda bwe yawummula mu gigye.*

152 Kati wa we tugenda okusoma? Matayo, abiri mu . . . Esuula ey'e 11, olunyiriri olw'a 27.

> *Ebintu byonna* Kitange *bye yankwasa, byankwasibwa Kitange,* manyanga: *so tewali muntu amanyi Omwana, wabula Kitaffe;* (Kale.) *so tewali muntu amanyi Kitaawe wabula Omwana, na buli muntu Omwana gw'anaamubikkulira.*

153 Okiraba, ensonga teri ku byenkana wa bye wayigirizibwa, oba byenkana wa o—omulabirizi by'ayagala otegeere. Ensonga eri ku byenkana wa Katonda by'ayagala otegeere. Okubikkulirwa kuno bw'oba tokulaba, tobuuza mulabirizi. Buuza Katonda. Tobuuza musumba wo. Buuza Katonda.

"Omwana y'Amubikkula," *Ye*, nga ye nnakasigirwa ey'omuntu omu.

154 Muwulirize. Kino kigenda kubakanga. Ekiragiro kiikino. Pawulo yagamba nti, "Singa Yali yalekawo olunaku olulala, Yandirwogeddeko." Naye Yagamba bw'ati.

Mujje gyendi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawa ssabbiiti, *ekiwummulo*.

Mwetikke ekikoligo kyange, muyigire ku nze; kubanga ndi muteefu era omuwombeefu ku *mutima: nammwe muliraba* ssabbiiti *eri* emmeeme *yammwe*.

*Kubanga ekikoligo kyange si kizibu, n'*emigugu gyange *tegizitowa*.

155 Mwekkaanye Pawulo kye yayogera.

. . . singa Yesu yali abawadde *ekiwummulo, . . .* yandyogedde *ku lunaku olulala oluvannyuma lw'ebyo*.

Naye yayawula *o . . . olunaku,* n'ayogera mu *Dawudi nti, . . . oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti; . . .* bwe *muwulira eddoboozi lye, temukakanyaza mutima* gwammwe.

"Kale wasigadeyo . . . " Kati muwulirize, olunyiriri olw'o 9.

Kale wasigaddeyo ekiwummulo, ssabbiiti, *eri abantu ba Katonda*.

Kubanga oyo, omusajja oba omukazi, *ayingidde mu kiwummulo kye . . .*

"Mujje gyendi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza."

. . . aba *awummudde . . . mu mirimu gye, nga Katonda bwe yawummula mu gigye*.

156 Oyinza okuba oli wa myaka abiri. Oyinza okuba oli wa myaka asatu. Oyinza okuba oli wa myaka ataano. Naye eddakiika eyo yennyini w'owulirira Eddoboozi lya Katonda nga likonkona ku mutima gwo, togukakanyaza. Kati awo yingira . . . "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, Obutaggwaawo, era talijja mu musango wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu."

157 "Oyinza okumbuuza nti, Ow'oluganda Branham, kiki ekibaawo?" Ofuna Omwoyo Omutukuvu. Kristo ajja mu ggwe. Si bwe kiri?

158 Mubikkule nange mu Isaaya, essuula eya 28, tusome. Isaaya, essuula eya 28, tulabe nnabbi kye yakyogerako. Matayo . . . 28, okutandikira ku lunyiriri olw'o 8. Kano ke katyabaga akalibaawo mu nnaku ez'oluvannyuma. Kati tulina okumaliriza.

Kubanga emmeeza zonna ziriba, *zijjudde ebisesemye . . . obutabaawo kifo kirongoofu.*

159 Leka nnyimirizeemu katono. Nga Ernie bwe yagamba ekiro kya luli, alina gwe yali ayogera naye. Ernie Fandler, ow'oluganda ono ava mu Switzerland, yagamba nti, "Nnayimirizaamu ne nkireka kisooke kinnyikire."

160 Kino njagala kinnyikire buziba.

. . . obutabaawo kifo kirongoofu.

Kubanga emmeeza zonna ziriba zijjudde *ebisesemye . . .*

Era nga *embwa* bw'eddira *ebisesemye byayo . . . n'embizzi . . . mu* bitosi byayo, n'abantu bwe batyo bwe badda ennyuma.

161 Kiki ekyabatuukako mmwe Abamesodisiti? Omusana mwagulina. Kiki ekyabaawo? Katonda yagubaggyako, n'Aguwa Abanazaliini.

Kiki ekyabatuukako mmwe Abanazaliini? Waliwo ekiseera lwe mwalina Omusana. Katonda n'agubaggyako n'aguwa Abapentekoote. Kituufu. Mmwe ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Katonda nammwe mwenna abakkiririza mu butukuvu, kubanga mwagaana Omusana, mwekolamu ekibiina ky'eddiini ne mugamba nti, "Tetujja kukkiriza kusukka ku *kino*," Katonda n'afuluma n'abalaga nti Yalina abantu abeetegefu okumugoberera.

162 Kiki ekyabatuukako mmwe Abapentekoote? Mwalina Omusana. Katonda yagubaggyako.

Empagi y'Omuliro etambula egenda mu maaso. Buli mulundi Empagi y'Omuliro lwe yatambulanga, Ekkanisa yatambulanga nayo.

Era Luther bwe yakola ekibiina ky'eddiini, mu kkanisa ye, oluvannyuma lw'okuva mu ekereziya Katolika, Empagi y'Omuliro yamulekawo Wesley n'atambula nayo.

Ne Wesley bwe yakola ekibiina ky'eddiini, Empagi y'Omuliro n'ebalekawo Abanazaliini ne batambula nayo.

Abanazalini bwe beekolamu ekibiina ky'eddiini, ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Katonda ne bagenda mu maaso n'Empagi y'Omuliro; ne bagamba mbu bo tebaali kibiina kya ddiini, naye baali kibiina kya ddiini.

163 Kati kiki ekyaddirira? Ekyaddako, Abapentekoote baalaba Omuliro, era ne bagenda nagwo. Naye kiki kye mwakola? Okwogera ennimu mwakugunjaamu njigiriza, ne mukola ekibiina ky'eddiini ne mugamba nga, "Buli muntu bwe yalina okwogera mu nnimi nga tannakakasibwa nti ddala afunye Omwoyo Omutukuvu," Katonda n'afuluma n'abavaamu n'abaleka awo we muli.

164 Kiki ekyabatuukako mmwe ab'Obwannamunigina? Mwakizuula nti okubatizibwa, kulina kuba mu Linnya lya Yesu. Ne mukikolamu enjigiriza, ekitundu ekisigadde eky'Empagi y'Omuliro ne mukyesalako, Katonda n'afuluma n'abaleka awo. Bwe kiri.

165 Kiki ekyabatuukako mmwe aba Assembly of God, mmwe Akakiiko Akakulu ak'edda? Nammwe ebyammwe mwabikolamu ekibiina ky'eddiini, Katonda n'afuluma n'abaleka awo wennyini we muli. Era kati nammwe muli kibinja ekinnyogovu, eky'emikolo obukolo nga n'abalala bonna.

Naye Empagi y'Omuliro yo egenda mu maaso. Aleruuya!

. . . emmeeza zonna zijjudde ebisesemye . . .

166 Laba Eky'eggulo kya Mukama waffe. Abamu, ba . . . Nnaliko mu kifo gye basembera omugaati guno ogwa bulijjo. Nga ate omugaati gulina kukolebwa nga mugaati ogutaliimu kizimbulukusa. Ne baguwa abonoonyi, abanywi ba sigala, bamalaaya, ab'enzi bonna ne basembera, kasita babeera nga amannya gaabwe gawandikiddwa mu kitabo.

167 Ate mmwe Ababaputisiti mukuyita na kusembera "okw'abalondemu." Kale, mmwe Ababaputisiti temwefuuyira nnyo mulele, omulele gwammwe Katonda ajja kugukutulako. Bwe kiri, temujja kuddamu kugufuuwa. Okusembera "okw'abalondemu," ne mweyawula ku balala, nga mwetwala okuba abatuukirivu ennyo okusinga ku balala.

Mujjukire, lino kkuŋŋaaniro lya Babaputisiti. Ekyo kye mufuna, agammwe mugakolamu ekibiina ky'eddiini. "O," muyinza okuŋŋamba nti, "ffe tetuli kibiina kya ddiini." Weewaawo, kye muli. Mazima ddala, muli kibiina kya ddiini. Mugamba nti, "Ffe twaniriza abantu bonna." Kituufu, omuntu ssinga ajja mu makkati gammwe n'ayigiriza nga bwe mukkiriza, temukirinaako buzibu bwonna. Naye, omulala, te— temujja kumugobaganya, naye mujja kumwesalako nga takyali waaluganda. Ddala bwe kiri. O, mulina engeri yammwe gye mukikolamu. Naye ne Katonda alina engeri gy'akikolamu. Naye Ekkanisa ya Katonda ejja kugenda mu maaso. Eby'engeri eyo Empagi y'Omuliro teyinza kubigumiikiriza.

. . . emmeeeza zonna zijjudde ebisesemye . . .

168 Kati muwulirize. Kati kino kigenda kubakangamukko. Muwulirize. Ŋŋenda kusoma Ekigambo. Ono yali ani? Yali nnabbi, Isaaya.

> *. . . emmeeza zonna zijjudde ebisesemye . . .* ne watabaawo kintu kyonna *kirongoofu,* buli omu ky'asanga ky'akola.

169 Ogenda ku kkanisa: nga abakazi enviiri zaabwe bazikomodde, bazisazeeko, bambadde empale ennyimpi, bw'ofuluma wabweru n'olaba abasajja abatambula ku luguudo;

n'ababeera basaawa olujja, abawala abato ne baagala okuwulira omuntu abayita nga ayita embwa ey'eddalu oba okubasiiya nga asiiya omusege, oba kyonna kye bakiyita, nga bwe babasiiya be, "Wuu-wuu!" O, mulowooza muli babalagavu, si bwe kiri?

170 Nammwe abasajja n'otambula mu kkubo, n'omunwe gwa ssigala mu kamwa, nga oli na ku kakiiko k'abadiikoni. Nga ofaanana nga ente y'omu Texas endaawo gye basazeeko amayembe. N'olowooza oli wa kitalo nnyo. Ge mazima. Ky'ova olaba emmeeza zonna . . . Ne mujja ne musembera, ne mweyisa nga ab'ekitalo ennyo, kyokka nga mukumpanya ne mubba n'okulimba ne mulimba, okuyita mu wiiki. Kikyamu ki ekibaliko?

. . . *emmeeza zonna zijjudde ebisesemye* . . .

171 "O, nsembera ku ky'Eggulo kya Mukama waffe. Naffe, tukikola mu kkanisa yaffe. Yesu yagamba nti Alituzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma ssinga tusembera ku ky'Eggulo kya Mukama waffe."

172 Naye, "Oyo alya era n'anywa nga tasaanidde, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula Mubiri gwa Mukama waffe. Mu mmwe kye muvudde mubeeramu bangi abanafu n'abalwadde, nga n'abangi baafa," ekkanisa eziri awo, enfu, ez'emikolo obukolo. Omwoyo wa Katonda yabavaamu. Empagi y'Omuliro tekyali mu makkati gammwe. Musambajja okuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Musambajja okuzuukira.

173 "O," mugamba, "weewaawo, kyaliwo, Yazuukira okuva mu bafu." Kati, mwogera ki ku ky'okuba nti Aba bumu ne leero, bw'aba Yazuukira okuva mu bafu? Awo nga mugamba nti, "Ha, ekyo si kituufu." Kati, awo we muli. Okuzuukira mukulina mu ngeri gye mukwagalamu, ne Katonda akulina mu ngeri gy'Akwagalamu.

174 Naye, ekikulu kiri nti, Bayibuli egamba, era kye tukakasa okuba nti ge Mazima, nti Ajja kukakasa Ekigambo. "Era ebintu bino bye Nkola nammwe mulibikola. Era Nja kubeera nammwe bulijjo, okutuuka ku nkomerero y'ensi." "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Bwe kityo Ekigambo bwe kigamba.

175 Kati ssabbiiti kye kiki?

. . . *emmeeza zonna zijjudde ebisesemye . . . tewali* n'ekimu *kirongoofu*.

Ani *gw'aliyigiriza okumanya?*

Si okumanya okw'ensi; wabula okumanya okw'omwoyo!

Ani *gw'aliyigiriza okumanya? . . . ani gw'alitegeeza . . . ebibuulirwa?*

176 "Bannaaye, Katonda yeebazibwe, okuba nti ffe ekibiina kyaffe Bino tebabikkiriza. Tebayinza kubigumiikiriza

Ebyo." . . . faayo ku kiki ekibiina kyo kye kikkiriza. Ekigambo kya Katonda kikyogerako ki? "Ah, kale, abasumba baffe, omanyi, bayivu." O, wamma ddala. Kituufu, baasoma nnyo, ne Katonda ne bamusuula eri. Bwe kiri, kubanga osobola okubabuulira Ekigambo naye ne beebuzaabuza nga bwe bagamba nti, "Naye, nze sikikkiriza mu ngeri eyo yennyini." O, mutiitiizi ggwe! Leka nkubuulire.

177 Mulabeeyo wano.

. . . ani *gw'alitegeeza . . . ebibuulirwa? abo abaleseeyo* ebbeere, *n'a . . . abo abaleseeyo okuyonka, era abavudde ku mabeere*.

178 Luli, muliraanwa wange yajja gyendi. N'aŋŋamba nti, "Billy, waliwo omusumba omu wano mu kibuga, ye musajja asingayo okuba n'okwagala gwe wali olabye . . . " N'agamba nti, "Nze ne mukyala wange twali awo tutudde nga twambadde engoye zaffe ezisulwamu, ku ssaawa eyo nga mukaaga ekiro, bambi omusumba oyo n'ajja ewaffe n'a—n'a—n'anywa naffe ka kaawa n'agenda n'ewa muliraanwa, nabo n'ababuzaako. Baali bazannyamu ku matatu, n'atuula n'azannya nabo amatatu." N'agamba nti, "Bannaaye, oli ye muntu akyasinze okukolagana obulungi n'abantu gwe wali olabye." N'agamba nti, "Bannaaye, tumwagala okukamala. Tewali nsonga yonna eyinza kutuleetera kwawukana naye."

179 Ne nnyimirira awo, ne ŋŋamba mu nze nti, "Kale?"

180 N'ambuuza nti, "O, ggwe tolaba nga buli kkanisa yandibadde n'omusajja nga oyo?" Huh! Ekyo kyannema okwanukula. N'agamba nti, "Waliwo n'akafo akalala," n'agamba nti, "baalina akafo akalungi ennyo. Omuweereza ono ne mukyala we, bantu abaagala ennyo abantu, beewaayo nnyo okufaayo eri abaana abato okutuusa nti baakolawo n'e—essomero mwe bayigiriza ebikwata ku Bayibuli." N'agamba nti, "Era baafuna abaana abayitirivu okukamala, okutuusa akafo konna lwe baakajjuza ne kabooga." N'agamba nti, "Bannange, omusajja anyumiza abaana obugero obwa buli ngeri."

181 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kirungi. Ekyo kirungi nnyo ddala."

182 Ne nzirayo. Nnali nnaakava e Canada. Muli ne nneebuuza nti, "Naye kati nze. Bannange! Abantu . . . Nze nnabaaki? Nze ebyo sibikola." Ne ŋŋenda okwoza emmotoka yange. Ne nneebuuza mu nze nti, "Ayi Katonda, nzuuno, ŋŋenda nkaddiwa. Nnwanye. Nkaabye. Nneegayiridde. Naye mu byonna nfunyeemu kuvvoolebwa okubi ennyo."

183 Kyandibadde nno ekintu kyonna, naye omuntu n'akwogerako ekintu ekibi mbu, "Ha, oyo mutukuvu eyeevulunga," mazima ekintu nga ekyo.

184 Ne nkirowoozaako. Eddoboozi ne lyogera gyendi, ne liŋŋamba nti, "Abasajja abo bakola bulungi bwe bakola bye

bakola, naye ggwe ebyo si bye nnakuyitira okukola. Ggwe nnakuyita kukwata Kitala oyimirire awo nga Yoswa era osoomooze, ow'oluganda. Ssi kwonoona budde mbu waliwo ekibiina eky'engeri emu ky'oweereza oba ekibiina ky'ekkanisa, naye soomooza ssetaani. Yimirira ku mwanjo, ekituufu kiyite kituufu, n'ekikyamu kiyite kikyamu. Buulira Ekigambo olabe ani alina okukkiriza okusobola okukikkiriza. Kyanje."

185 Ne nnyongeramu ku bwangu bwe nnali nkozesa, mu kwoza, emmotoka eyo. Ne ŋŋamba nti, "Weebale, Mukama. Weebale, Mukama." Awo ne mpulira bulungi. "Weewaawo, Mukama, ŋŋenda kukinywererako okusinga bwe mbadde, era njagala nfe na Kyo mu mukono gwange."

. . . ani gwe *nnyinza* okutegeeza *ebibuulirwa?* (Muwulirize.)

. . . emmeeza zijjudde ebisesemye . . .

. . . abo abaleseeyo okuyonka, era abavudde ku mabeere.

Kati mwekkaanye.

Kubanga kiba kiragiro bwe kityo *ku—ku kiragiro, ekiragiro ku kiragiro; . . . lunyiriri ku lunyiriri; wano katono, awo katono:*

Kubanga ndyogera n'abantu bano n'emimwa emigenyi era n'ennimi endala.

Abo be *yagamba nti, Eno ye* ssabbiiti mumuwe *okuwummula oyo akooye; . . . kuno kwe* kuweera: *naye ne bataganya kuwulira.*

Kubanga *ekigambo kya* MUKAMA kyajja *gye bali* (Waliwo eyakibuulira.) *kiragiro ku kiragiro, . . . ku kiragiro; lunyiriri ku lunyiriri, . . . ku lunyiriri; wano katono, awo katono; bagende, bagwe bugazi, bamenyeke, bateegebwe, batwalibwe.*

186 Ekiwummulo kye kiki? Ekiwummulo kyajja ddi? Abantu lwe baayogera mu nnimi endala n'emimwa ne ginanaagira. Emimwa eginanaagira; baali teboogera kintu kyonna kirambulukufu. Baananaagira. Ekyo ddi lwe kyabaawo? Ku Lunaku lwa Pentekoote, Omwoyo Omutukuvu bwe yajja. Ekyo kye Kiwummulo: ye Mwoyo Omutukuvu. Yesu yagamba nti, "Mujje gye Ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa Nange Nnaabawummuza. Nnaabawa Obulamu, Obulamu Obutaggwaawo," *Zoe*, Obulamu bwa Katonda bwennyini. Katonda ajja kujja mu ggwe afuuke kitundu ku ggwe. Ajja kukuwa okuzaalibwa akufuule omwana ow'obulenzi n'ow'obuwala.

187 Kati mulabeeyo. Ekyo kye kyali ekiwummulo eky'okusatu kye Yawa. Ekyasooka: Katonda yakifuna, bwe yawummula

emirimu Gye. Eky'okubiri: Isiraeri ne bakifuna, mu mateeka. Eky'okusatu: Ekkanisa n'ekifuna, nga ekitundu ku Katonda.

188 Ssatu gwe muwendo ogw'obulamu. Ekyo bameka abakimanyi? Buli mulundi lw'olaba ssatu, buba bulamu. Mulabeeyo, Katonda bwe yatonda ensi, obulamu bwajja ku lunaku lwa kusatu. Ekyo bameka abakimanyi? Ku lunaku olw'okusatu. Obulamu bwajja ku lunaku olw'okusatu olw'okutonda.

Obusatu: Kitaffe yali waggulu w'abantu, mu Mpagi y'Omuliro; Omwana yali Muntu, Eyayogera n'abantu n'abateekateeka; Omwoyo Omutukuvu gwe gwali omutendera ogw'okusatu, eyali Omwoyo Omutukuvu, Katonda mu bantu. Obulamu! Kitaffe, Omwana . . .

Ekiwummulo, kya Katonda; ekiwummulo, ekya Isiraeri; n'Ekiwummulo, ky'Ekkanisa, okukuuma ssabbiiti.

189 N'olwekyo, bw'oba tofunanga Mwoyo Mutukuvu, nga tomufunanga, kitegeeza toyingiranga mu Kiwummulo kya Katonda. Teweetaaga kugamba nti, "Ha, lwakuba ssisobola kukikola. Njagala okufuuwa ssigala. Naye—naye ssisobola kumufuuwa; kuba ndi Mukristaayo. Weewaawo ssaagala kunywa mwenge, naye ndi Mukristaayo. Kale ssisobola kunywa mwenge, ssaagala kunywa mwenge, naye nga nnandyagadde okugunywa."

190 Bw'oba weegomba abakazi, bw'oba okyakola ebintu bino byonna ebitali bya bwakatonda, kitegeeza toyingiranga mu kiseera ekyo eky'Ekiwummulo. Toyingiranga mu Kiwummulo kyo.

191 Ate bw'oyingira mu Kiwummulo kino, owummula okuva mu mirimu gyo egy'ensi, nga Katonda bwe yawummula mu Gigye. Lwaki? Obeera kitundu ku Katonda. Owummula, emirembe Egitaggwaawo. Kiikyo. Eyo ye Ssabbiiti. "Mujje gye Ndi, mmwe mwenna abakooye."

> Leero, yayawula *olunaku gundi*, . . . *oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti*, ng'ayogera mu Dawudi; . . . bwe *munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza mitima gyammwe*.

192 Kati ekigambo ekirala nga kimu oba bibiri, tumalirize.

> *Kubanga oyo* aba *ayingidde mu* kiwummulo *kya* Kristo, . . .
>
> *Mujje gye ndi, mmwe* mwenna *abakooye era* . . . *era abazitoowereddwa* . . .
>
> . . . obeera owummudde *okuva* mu *mirimu gyo nga ggwe, nga Katonda bwe yawummula okuva mu gigye,* ku lunaku olw'omusanvu.

Ggwe oyinza okuba oli mu mwaka gwa makumi asatu, oba gw'ana, oba gw'ataano, kyonna kye kiri. Obeera owummudde mu mirimu gyo, nga Katonda bwe yawummula mu Gigye, emirembe Egitaggwaawo. Obeera tokyayagala bintu bya nsi. Ensi ebeera efudde gy'oli.

193 Kati, mwekkaanye bulungi, olunyiriri olw'e 11 kaakano.

Kale tufubenga okuyingira mu kiwummulo ekyo, (si *kino*, si *kino*, wabula *Kino*), *omuntu yenna aleme okugwa mu ngeri eyo ey'obutagonda.*

194 Kitegeeza ki? Empagi y'Omuliro eri wano. Malayika wa Mukama ali naffe. Akola ebintu bye bimu byennyini bye Yagamba okukola. Naye abantu ne beesittala, ne bagamba nti, "Ha, naye, kirabika Tekirina buzibu. Ekyo kirungi nnyo. O, kirabika Kirungi." Weegendereze oleme okugwa mu kyambika kye kimu eky'obutakkiriza. Kitwale n'omutima gwo gwonna.

195 Mulabeeyo.

Kubanga ekigambo kya Katonda (si njigiriza ya kkanisa), *ekigambo kya Katonda* kiramu nnyo, *kikozi nnyo,. . . kisala okusinga* ekitala *eky'obwogi obubiri,* (muwulirize), kifumita *n'okwawula. . . kyawula obulamu, n'omwoyo,. . . ennyingo n'obusomyo, era. . .* (muwulirize), *era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima.*

Ekyo kitegeeza ki? Omwoyo Omutukuvu asobola okujja n'agamba nti, "Wakola ekintu *gundi.* N'okola ne *kino* na *kiri.* Olina obulwadde *bwe buti*, ne *bwe buti. Kino* bw'onaakitereeza, ojja kubeera *bw'oti.*" Mukiraba? Kyawula ebirowoozo.

196 Naye abantu ne beebuuza nti, "Ekyo kiki? Waaa, okwo kusoma birowoozo. Okwo, ku. . . Oyo mulaguzi." Mulaba kye ntegeeza? Nsi embi, eyayonooneka etamanyi Katonda.

197 "Kiramu, kyawula ebirowoozo, kikozi nnyo okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omu mutima."

Kati, kiki ekyo ekimanyi okufumiitiriza okuli munda mu mutima? Katonda. Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, Bayibuli egamba nti, 'Kigambo kya Katonda.'" Ekigambo kya Katonda ye Katonda.

Ku lubereberye waaliwo Kigambo,. . . Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda.

Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli,. . .

198 Katonda y'ayawula ebirowoozo. Ibulayimu yali akubye weema omugongo, nga—nga ne Katonda agikubye amabega. Saala n'aseka. Katonda n'akyuka, n'abuuza nti, "Saala kiki ekimusesezza?" Oyo Ayawula ebirowoozo by'omu mutima! Ekyo njagala kisooke kinnyikire.

199 Naye kati obuweereza obw'engeri eyo bwe busituka, Katonda bwe yasuubiza okubaawo mu nnaku ez'oluvannyuma, kiki ekiddirira? "Bakuyita kusoma birowoozo."

200 Mukama waffe, Yennyini tebaamuyita, "Beeruzebuli"? Yagamba nti, "Nnannyini nju bwe baba bamuyise 'Beeruzebuli,' olwo ate abayigirizwa Be balibayita ki?"

201 Mbaagala. Mmwe okujja wano kiraga nti ddala mwagala bye muwulira, temulinda kujja mu kizimbe kirimu byuma bireeta mpewo mpeweevu okusobola okuwuliriza Enjiri. Muli bayala ekimala okutuusa nti mujja ne mu kifo nga kino. Katonda teyatuganya kuzimba kisingako wano. Tukyagala nga bwe kiri. Weewaawo tekirabika bulungi kiri awo, naye era tukyagalirayo mu mbeera yaakyo. Katonda tabeera mu bintu bitemagana. Katonda abeera mu bwetoowaze. Tukyagalirayo mu mbeera yaakyo. Tuwulira essanyu okujja, era nammwe, muwulira essanyu, okutuula mu—mu kifo nga kino. Newankubadde kijjuddemu ebbugumu, wadde otuuyana n'otobya essuuti yo empya, n'ekiteeteeyi kyo ekipya, naye ekyo tekiriimu kantu.

Owuliriza Bulamu Butaggwaawo, owuliriza Kigambo kya Katonda ekimanyi ebirowoozo by'omutima gwo. Empagi y'Omuliro eyali waggulu w'abaana ba Isiraeri, eri wano akawungeezi kano. Nsobola okubasoomooza: nti tewali muntu ayinza kuyimirira wansi wa maanyi ga Mwoyo Omutukuvu wano Katonda n'atamwerula kumubuulira buli kimu ekimukwatako. Ekyo kituufu. Bwe kiri.

202 Kiki? Kiki? Ye Mwoyo y'omu eyakulembera Abaana ba Isiraeri okubatwala eri ekiwummulo kyabwe, naye ne bagwa olw'obutakkiriza. Togeza n'ogwa. Kano ke kakisa akasembayo. Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, Obulamu mwe buyita.

203 Okuggyibwako omusango, Martin Luther, eba ekyali nkola ya ddiini. Okutukuzibwa . . . Martin Luther; John Wesley; okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, Obulamu. Okuggyibwako omusango, kwe kukkiriza; okutukuzibwa, kwe kulongoosebwa; Omwoyo Omutukuvu, kwe kujjuzibwa, Obulamu. Si kuyita mu mulembe gwa Luther; mu kiseera ekyo Omwoyo Omutukuvu baamufuna mu ngeri ndala. Si kuyita mu mulembe gwa Wesley; Omwoyo Omutukuvu baamufuna mu ngeri ndala. Naye guno gwe mulembe Omwoyo Omutukuvu mw'ajjira, Mwene.

204 Kati bw'oba tumufunanga, oyinza otya, okukkiriza ebyamagero? Olina okuba ne Katonda, mu ggwe, okusobola okubikkiriza. Nga weeyisa nga Katonda. Otegeera nga Katonda. Olowooza nga Katonda. Bayibuli egamba nti muli "bakatonda" abato, abatono. Yesu bw'atyo bwe yagamba. Kubanga, muli kitundu ku Katonda.

Nga bwendi Branham omuto, nga bw'oli gundi-oyo omuto, olw'erinnya ly'abazadde bo. Obutonde obukulimu obulina kuba bazadde bo bwe batyo bwe baali, kubanga be baakuzaala.

Kati nammwe okubeera nti mukkiriza Katonda, era mukkiririza mu byamagero, n'obubonero n'ebyewuunyo, kiri lwakuba muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Ofuna Obulamu. Obulamu bujjira ku mutendera gwa kusatu. Kale.

205 Yesu bwe yayambuka waggulu ku lusozi, ne yonna gye Yagendanga, Yatwalanga Peetero, Yakobo, ne Yokaana, abajulirwa basatu. Ssatu gwe muwendo ogw'Obulamu. Mukitegedde? Okwagala, essanyu, emirembe.

206 Kati, mangu nnyo leka tugende essuula gy'esemba, mangu nnyo, nga bwe tusoma.

> *Kubanga ekigambo kya Katonda* kiramu nnyo, *kikozi* nnyo,. . . *kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri,* . . . n'okwawula ebirowoozo *n'okufumiitiriza kw'omumutima.*
>
> *So siwali kitonde* ekitalabika *mu maaso ge: naye ebintu byonna* . . . *bibikkuliddwa mu maaso g'oyo gwe tuleetera ebigambo byaffe.*

207 Ow'oluganda, tewali nsowera eyinza kugwa ku nkondo eyo, nga Ye tamanyi. "Ebintu byonna bibikkuliddwa." Ow'oluganda, Amanyi buli kimu kye wali okoze, buli kirowoozo kyonna kye wali olowoozezza. Ekyo ky'Ali. Bwe tutyo bwe tumukkiriza.

Era Katonda bw'ayingira munda mu ffe, n'atuteeka mu Kkanisa, Ateeka ebirabo n'ebirala mu Kkanisa, okumusobozesa okukozesa Omwoyo We. Katonda bw'aba nga ye Katonda ataliiko kkomo mu by'asobola kukola, kitegeeza Awonya abalwadde. Asobola okuzuukiza abafu. Asobola okulongoosa abagenge, asobola okuzibula omuzibe w'amaaso n'alaba. Asobola okuwa okwolesebwa. Asobola okukola ebintu ebya buli ngeri bino byonna, nga akolera mu Kkanisa Ye, kubanga abeera Katonda mu ggwe. Eyo ye Kkanisa.

208 Kati ekkanisa eyo efuuka etya Ekkanisa, kuyita mu kugyegattako bwegasi? Nedda, ssebo. Kuyita mu kukwatagana mu ngalo? Nedda, ssebo. Kuyita mu kubatizibwa mu mazzi? Nedda, ssebo. Kuyita mu kufuuka mmemba? Nedda, ssebo. Ofuutya otya Ekkanisa? "Kubanga ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Kiikyo.

209 Abaruumi 8:1.

> *Kale kaakano tebaliiko musango* . . .

"Toliiko musango gwa bintu bya nsi." Tewali kye bayinza kukuvunaana.

Te . . . tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambula kugoberera mubiri wabula Omwoyo.

210 Kiikyo. Bw'otyo bw'olina okwekenneenya Obukristaayo bwo. Ku ekyo kw'otegeerera nti wayingira mu Kiwummulo ekyo, nga eby'ensi tebikyakutawaanya yadde. Mazima ddala. Obiraba, naye n'otambula n'obiviira. Kubanga olina ky'olina okulowoozaako ekibisinga. Kye kitegeeza okuba nti, "Toliiko musango." Bwe tutyo bwe tuyingira mu Mubiri.

211 Era obeerako obukuumi, "Emirembe gyonna." Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Mulabeeyo wano eno mu Abaebbulaniya, essuula ey'e 10. Yagamba nti:

> Kubanga awaali ebiweebwayo eby'ente ennume ne ssaddaaka, *mu ezo mulimu okujjukizanga* ekibi *buli mwaka.*
>
> *Naye omusajja ono, . . .* okuyita *mu ssaddaaka emu . . .*
>
> Erinnya Lye ettukuvu lyebazibwe!
>
> *Kubanga olw'okuwaayo* ssaddaaka *emu yatuukiriza okutuusa emirembe gyonna . . .*

212 Aleruuya! Ssi kutuusa ku lukuŋŋaana oluddako, naye *emirembe gyonna*. "Eby'edda nga biweddewo; era nga byonna bifuuse biggya." Nga tutambulira mu Musana, Omusana omulungi. Nga ebinyonyi biyimba mu ngeri ya njawulo.

213 Waliwo atudde wano eno, gwe ndaba eyali omutamiivu, ndowooza, emyaka nga etaano egiyise. Rosella, omutamiivu waddanga omwenge gwe gwakanula amaaso nga akawundo, eyagendanga atambula ku nguudo za Chicago, nga yenna atamidde, bw'agenda atagala nga adda eno n'eri, nga yeenyigira mu kibi ekya buli ngeri, nga atamidde aweddeyo. Naye lumu ekiro, Omwoyo Omutukuvu, oyo omulamu era alina amaanyi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, n'amugamba nti, "Nnyabo, wawambibwa omwenge." Aleruuya! Oyo bw'aba si Katonda y'omu eyaliwo mu biseera biri eri, eyategeera Saala bwe yaseka nga ate yali mabega We, awo mba ssimanyi ky'Ali.

214 N'ayambuka ne ku mwaliiro ogwa waggulu n'abaako omukazi gw'aggyayo, n'amuleeta wansi, n'amugamba nti, "Wawambibwa omwoyo gw'okukozesa ebiragalagala." Nga ayawula ebirowoozo by'omu mutima!

215 Waaliwo n'abaweereza abanene ab'ebitiibwa abaali batudde awo, abalina obuweereza obw'okubuulira enjiri okwetooloola ensi yonna, nga bali awo bazinze emikono, bambadde emijoozi, balowooza tetwabategedde, gy'oli bayinza okutuula mu lukuŋŋaana nga olwo Katonda n'atababikkula kye bali. Nga batudde, tosobola na kubategeera, beefudde nga abantu ba bulijjo. Naye Omwoyo Omutukuvu ye yali abamanyi. Era baali awo, nga mu mitima gyabwe, balowooza mbu Kwali kusoma birowoozo bya muntu. Nga tebalina yadde akatono bwe kati

ke bamanyi ku Katonda nga Omukotentoti nnansangwa w'omu maserengeta ga Afirika bw'atalina ky'amanyi ku bikwata ku kiro ky'Emisiri. Bwe kiri. Bakimanyi kusinziira ku nnyukuta, naye si ku bwa Mwoyo. "Ennyukuta etta, naye Omwoyo aleeta Obulamu." Ky'ekyo. Ekyo kye kinyusi. "Kiramu, kya maanyi nnyo n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, Ekyawula ebirowoozo by'omu mutima."

216 Muwulirize. Mulabeeyo.

So tewali kitonde kyonna ekitalabika *mu maaso ge: naye ebintu byonna byeruliddwa era* bibikkuliddwa mu *maaso* g'oyo . . . *gwe tuleetera ebigambo* byaffe.

Kale nga bwe tulina kabona asinga obukulu omunene . . . (Kaakano abalwadde; muwulirize.) . . . *eyayita mu ggulu, Yesu Omwana wa Katonda, leka tunywezenga okwatula kwaffe.*

217 "Tunywezenga," ekyo tekitegeeza kujulira bujulizi. Bw'otatambulira mu bulamu bw'ebyo by'ojulira, awo okwatula kwo obeera tokunywezezza; obeera okola bunnanfuusi. Obeera . . . Kisingako n'ovaayo n'oyatula nti oli mwonoonyi n'obyerabira. Teweeyita Mukristaayo, ate n'otambulira mu bulamu obukontana; obeera nkonge ennene ennyo eyeesittaza ensi gye yali ebadde nayo. Bw'oba oli mwonoonyi, kkiriza nti oli mwonoonyi, ogende mu maaso, otereere ne Katonda. Bw'oba oli Mukristaayo, nyweza okwatula kwo, okusigalemu.

218 Kati mulabeeyo kino. Kino njagala nkikooneko nga tetunnagenda.

Kubanga tetulina kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe; naye eyakemebwa mu byonna . . . nga ffe, so nga ye talina kibi.

Muwulirize.

Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga.

Erinnya lya Katonda lyebazibwe!

219 Kati muwulirize, mmwe Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, n'Abaluzalaani. Mugenda kumbuuza ekibuuzo kino nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okubeera obutuukirivu." Nkimanyi. Ekyo lubeerera kye mujuliza. Ekyo kituufu. "Ddala kiki ekirala omuntu ky'ayinza okukola okuggyako okukkiriza Katonda?" Ekyo weewaawo kituufu. Ky'ekyo kyokka ky'asobola okukola. Naye Katonda bw'akkiriza okukkiriza okwo, Akuwa Omwoyo Omutukuvu.

220 "Kati nkole ki, Ow'oluganda Branham? Ndeekaane?" Tekyetaagisa. "Njogere mu nnimi?" Nakyo tekyetaagisa. Osobola okuleekaana n'oyogera, ne mu nnimi, naye nga obulamu

bw'otambuliramu era bulinga bwa—bulinga bwa mukaafiiri, nga okyalookalookera abakazi. Okyafuuwa ssigala n'okunywa omwenge, n'ebirala. Ndabyeko ku bantu aboogera mu nnimi, naye bwe bava awo ne bagenda bakutula ddiiru embi ennyo, ey'obukumpanya gye nnali ndabye. Mbalabyeko nga baleekaana, ne bakaaba n'amaziga ag'ekinnanfuusi, naye nga asobola okukubbako ebibyo byonna. Mbalabyeko nga batambula, naye nga buli muwala ayitawo, nga akyuka amutunuulire. Uh-huh. Ako kabonero kennyini akalaga nti tomufunanga. Bwe kiri.

221 Naye, ow'oluganda, bw'osomoka n'ova mu kufa n'oyingira mu Bulamu, ebintu ebyo byonna bifa, n'ofuuka kitonde kiggya mu Kristo Yesu. Bw'onaabaako ekikyamu kyonna ky'olaba, ojja kukisabira busabizi ogambe nti, "Ayi Katonda saasira." Ate bw'onaabaako emitawaana gy'olaba, mu kifo ky'okubungeesa ensonga eyo n'okugikolako olugambo, okugezaako okusajjula embeera, ojja kugezaako okutuukirira omuntu oyo mugigonjoole, mugimulungule mu kasirise mu bwangu ddala. Oyo ye Mwoyo wa Katonda mu ggwe.

222 Ate bw'onaabaako ensobi gy'okola? Kubanga ojja kuzikola. Bw'onaabaako ensobi gy'okola, ojja kugitereeza mu bwangu ddala. "Toganya njuba kugwa ku busungu bwo." Ku ekyo kw'otegeera nti wava mu kufa n'oyingira mu Bulamu, nga olina okwagala, emirembe, essanyu, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obukkakkamu, obugumiikiriza. Tulina Kabona asinga Obukulu atudde mu Ggulu, eyeetegese okwegayirira ku lw'okwatula kwaffe. Kitegeeza ki ekyo? Kitegeeza Yesu yaddayo n'aba Logos, Empagi y'Omuliro eyakulembera abaana ba Isiraeri, nga kati atudde mu Kubeerawo kw'ebintu ebyo ebikulu, ensulo, langi z'Ebitangaala ebya musoke ebyalabisibwa, Emyoyo omusanvu egituukiridde, Omwoyo ow'okwagala atuukiridde.

223 Kaakati mulabeeyo. Okusooka kwe kwagala *okutuukiridde*, nga kwe kwagala kwa Katonda, okulongoofu era okutajunguluddwa. Okuddako awo, kwe kwagala okwa *phileo*, nga kwe kwagala kw'olina eri mukyala wo n'abaana bo. Okuddako, oluvannyuma lw'okwo, kwe kwagala *okw'okwegomba.* Okuddako kwe kwagala *okutali kwa bwakatonda*. Era kugenda kuserebera ddala okutuusa lwe kufuuka *obugwenyufu,* kugenda kukyamizibwa, nga kweyongera okukyamizibwa.

224 Naye buli kintu ekirina lwe kyatandika, kirina lwe kirikoma. Era ebyo byonna, lumu, biriggyibwawo obutasigala n'ekimu, era tebirijjukirwa, n'akatono, ebituukiridde bikomezebwewo. Era engeri yokka . . . Tosobola kukoma wano eno wansi, mu makkati ga lugendo, ate n'otuuka waggulu *eno*. Olina okuyingirira ddala munda, ne weesiga, era n'owummulira ddala mu bujjuvu mu bulokozi Yesu Kristo bwe yakuwa, olw'okukkiriza.

225 Waliwo Omwoyo ogw'obwesimbu oguva eri Katonda. Eyo y'ensulo, ensulo ya Katonda. Obwo bwe bwesimbu. Naye addako wansi w'oyo ye musajja ajja okukola "ekikolwa ekirungi" eri muliraanwa we. Addako wansi w'oyo ye musajja oyo, "gw'olina okwegendereza." Addako ye musajja, "omubbi." Addako ye musajja, "omutemu" akuteeka ku mudumu gw'emmundu. Mulaba engeri gye kigenda, kikyamizibwa? Naye ebintu ebyo byonna byogera ku kintu ekya nnamaddala.

226 Ekyo kye njogerako. Buli lw'olaba omuntu a . . . Bw'olaba omugogo gw'abafumbo nga batambula mu kkubo, abaagalana, oba oly'awo ba myaka nga kinaana. Kiba kiraga nti mu Ggulu waliyo omugogo gw'abafumbo abato be bakiikirira, mu Ggulu. "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eribumbulukuka, tulinayo endala Eri."

227 Bw'olaba omusajja nga akumpanya, abba, alimba, jjukira kimu nti, ekitundu kye kimulindiridde mu ggeyeena, gyekiri kimulindiridde, ekifo kye gy'alibonyaabonyezebwa mu Maaso ga Katonda ne Bamalayika abatukuvu, nga ayokebwa n'omuliro n'olunyata. Eyo gy'alibeera nga abonyaabonyezebwa. Talibonyaabonyezebwa mirembe gyonna, tayinza kubonyaabonyezebwa mirembe gyonna, emirembe gyonna tekitegeeza kumala biseera byonna, byonna. Obataggwaawo gy'emirembe gyonna, Obutaggwaawo . . . tebulina ntandikwa yadde enkomerero. Naye *emirembe n'emirembe* kiba "kiseera ekigere." Bayibuli egamba nti, "Emirembe ne," akagambo akagatta ekigambo ku kirala, "emirembe." Yona yagamba yali mu lubuto lwa lukwata "emirembe gyonna." Kiba kiseera ekigere.

228 Naye, labayo, waliyo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era nga ye Katonda. Kati bw'obeera ow'okubonyaabonyezebwa emirembe gyonna, nga tosobola kufa, kiba kitegeeza olina Obulamu Obutaggwaawo. Toyinza kubonyaabonyezebwa mirembe gyonna . . . Oyinza okubonyaabonyezebwa okumala emyaka obukadde kikumi, mu Maaso ga Katonda ne Bamalayika abatukuvu, nga oyokebwa n'omuliro n'olunyata. Ssimanyi bbanga lyenkana wa lye kyagerekerwa okumala. Naye ku nkomerero ya byonna kirina okukoma kubanga kirina lwe kyatandika. Era Katonda yekka y'alina Obulamu Obutaggwaawo. "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma," talina bulamu bwa *mirembe gyonna,* "alina Obulamu Obutaggwaawo." Obulamu obwo, obutaatandikira wano *eno*. Naye obwava waggulu Eri, Obulamu Obutaggwaawo, *Zoe*, Obulamu bwa Katonda Bwennyini obukka wansi ne butuula mu muntu, n'abeera Ataggwaawo nga Katonda, era nga tasobola kufa. Ekigambo bwe kityo bwe kigamba.

229 Mukirowoozeeko. Waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa mirundi ebiri? Temusobola kukyanukula, ssi bwe kiri? Waliwo

Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu, era bwe Bulamu bwa Katonda. Buno obulamu obulala bwonna, ka bube butya, buliko ekkomo. Ate ekintu kyonna ekirina entandikwa kirina n'enkomerero. Naye ekintu kyonna ekitaalina ntandikwa tekirina nkomerero. Kati Katonda yagamba Alituwa Obulamu Obutaggwaawo, obutalina lwe bwatandika, twafuulibwa kitundu ku Ye. Ate amazima gali nti Obulamu obuli mu ffe, tebwaleetebwa wano butonde bwa muntu. Obutonde bwatuwa mwoyo, naye omwoyo ogwo gwafa, ne tufuna Omwoyo wa Katonda. Ekitiibwa kibe eri Katonda!

230 Katonda yali muntu? Mazima ddala. "Leka tukole omuntu mu ngeri Yaffe." Katonda yali ki? Yali mubiri ogw'omwoyo, omubiri. Bw'atyo omuntu n'akolebwa mu ngeri eyo n'ateekebwa mu lusuku. Naye tewaaliwo muntu wa kulima ttaka, omuntu alina obusimu bw'omubiri. Kye Yava atonda omuntu okuva mu nfuufu y'ensi, mu bulamu bw'ensolo, era omuntu oyo n'alima ensi. Naye omuntu oyo n'agwa, olw'okwonoona. Mazima ddala. Katonda, Omubiri ogw'enkula ey'omwoyo, kye yava akka wansi n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli, asobole okununula omuntu.

231 Kale tewali kye wali oyinza kukola. Oli mwonoonyi, okusooka kwa byonna. Wabumbibwa mu bujeemu. Wazaalibwa mu kibi, n'ojja mu nsi nga oyogera bulimba. Wazaalibwa n'ojja ku nsi kuno okuyita mu kwegomba okw'okwegatta wakati wa kitaawo ne nnyoko. Era mu buli ngeri yonna oyolekedde ggeyeena, ne bw'okola kiki kyonna. Oyinza okuba tolimba, tobba; okuuma buli kiragiro, na buli kimu kyonna; naye era ojja kugenda mu ggeyeena, nga akanyonyi bwe kadda mu kisu kyako. Naye engeri yokka gy'osobola okubeera omulamu nate, kwe kusembeza Omwoyo Omutukuvu, Obulamu bwa Katonda Obutaggwaawo.

232 Kiki ekyakufuula ky'oli? Ku lubereberye, Omwoyo Omutukuvu bwe yamaamira ku nsi, tewaaliwo kintu kyonna okuggyako ensozi eziwandula omuliro. Ne wavaayo akamuli ka Paasika. Katonda n'agamba nti, "Kalabika bulungi. Weeyongere okumaamira." Ebimuli ne bivaayo. Omuddo ne guvaayo. Emiti ne givaayo. Ebinyonyi ne bibuuka nga biva mu ttaka. Ensolo ne zivaayo. Omuntu n'avaayo.

233 Kati, ekyo kyakolebwa kitya? Kyakolebwa kumaamira kwa Mwoyo Mutukuvu, nga akuŋŋaanya wamu ebirungo bino byonna, ekya potashi, ekya kalisiyamu; n'akola ebimuli, n'akola ensolo, naawe n'akukola.

234 Naye kati, ku mulundi guno olina eddembe okwesalirawo. Katonda akumaamirako, n'akubuuza nti, "Eddoboozi Lyange oliwulira? Tokakanyaza mutima gwo, nga bwe kyali mu biro eby'okusunguwazibwa." Wuuno Akka wansi, n'abuulira Ekigambo.

"Bali eri Enjiri eyababuulirwa teya. . . tebaagigattamu kukkiriza, na bwe kityo teyabagasa." Okugiwulira baagiwulira, naye tebaagikkiriza.

235 Katonda yakka wansi. N'abalaga Empagi ey'Omuliro. N'abalaga obubonero n'ebyewuunyo, nga akozesa nnabbi We, nga abalaga nti Ali naye. Naye tebaagikkiriza. Weewaawo, baanyumirwa okulaba ebyamagero. Baanyumirwa okuwulirizanga nnabbi. Naye ku kikwatagana n'okugikkiriza, tebaagikkiriza. Obulamu bwabwe bukakasa nti tebaagikkiriza.

236 "Kati," Yagamba nti, "temugoberera kyakulabiko kye kimu ekyo eky'obutakkiriza." Kubanga mu nnaku zino ez'oluvannyuma, eri ekkanisa y'Ab'amawanga, Katonda azzeemu n'alabika; akabonero ke kamu, ekyewuunyo kye kimu, Empagi y'Omuliro y'emu, bikakasiddwa, awatali kubuusabuusa. Leka tuleme kukakanyaza mitima gyaffe si kulwa nga tugwa mu kikemo kiri kye baagwamu, eky'obutakkiriza, kuba singa tukikola tujja kuvundira ku nsi era eyo y'eriba enkomerero ya byonna.

237 Kale Omwoyo Omutukuvu bw'akonkona ku mutima gwo, [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti—Omuk.] "Oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti, bw'owulira Eddoboozi Lyange, tokakanyaza mutima gwo." N'agamba nti, "Mwana Wange, gano ge Mazima." Totunuulira mubaka. Wuliriza Bubaka. Bukkirize. "Tokakanyaza mutima gwo nga bwe kyali mu biro eby'okusunguwazibwa."

238 Bw'awulira Eddoboozi Lyo, "Tokakanyaza mutima gwo." Awo ogambe nti, "Weewaawo, Mukama wange, nzikiriza." Awo nga oyingira mu Bulamu, nga Omwoyo Omutukuvu ayingira mu ggwe. Nga omwoyo gwo ogw'edda gufa, ogwo ogukuleetera okulookalooka n'okukyawa, n'ettima n'enge, n'o—n'obukyayi n'ebintu ebyo byonna, nga bifa. Nga ojjula okwagala, essanyu, emirembe, n'okuwummula. Nga omuyaga ne bwe gukunta gutya, ggwe oteredde ntende.

> Essika lyange linywezeddwa munda w'eggigi;
> Mu miyaga egikunta egy'amaanyi egya buli ngeri,
> Essika lyange linywezeddwa munda w'eggigi;
>
> Kubanga ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde;
> Awalala wonna musenyu ogukka.

239 Kiikyo. Eddie Perronet, nga bwe yawandiika oluyimba olwo olumanyiddwa ennyo. Awalala wonna, ebibiina by'amadiini byonna, enzikiriza zonna, enjigiriza zonna, byonna biggwaawo. Kristo!

Oyinza okugamba nti, "Naye, mmanyi Bayibuli." Obulamu tobufuna kuyita mu kumanya Bayibuli.

"Nze mmanyi katekiisimu yange." Obulamu tobufuna kuyita mu kumanya katekiisimu.

"Nze, ndi Mukristaayo." Obulamu tobufuna lwa kwatula nga bw'oli Mukristaayo.

240 Obulamu obufuna kuyita mu kumanya Ye. Ye bw'omumanya, ofuna Obulamu. "Olwo n'oyingira mu Kiwummulo Kye. N'owummula okuva mu mirimu gyo, nga Katonda bwe yawummula okuva mu Gigye." N'ofuuka omwana wa Katonda, alimu ekitundu kya Katonda. Kale Omwoyo Omutukuvu oyo ssinga—ssinga akuwembejja, naawe n'omwanukula n'ogamba nti, "Weewaawo, Mukama wange," manyanga bw'akuyita.

241 Bw'ayita n'agamba nti "Mujje gye Ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa. Nange nnaabawa Ekiwummulo."

242 Ggwe n'oddamu nti, "Ha, nze nkyali muto. Nnina oku. . . Ha, nze omusumba wange ebyo ta. . . Nze kyokka kye nnina okukola. . . " Okiraba? Tolimufuna.

243 Naye bw'oyanukula n'ogamba nti, "Weewaawo, Mukama wange. Mpulira Eddoboozi Lyo. Ssikakanyaza mutima gwange. Ssifaayo, Mukama wange, Ekyo Kigambo kyo era nkukkiriza. Nsembeza, ayi Yesu, 'Ndi nga bwendi, ssirina kwewolereza kwonna, okuggyako Omusaaayi Gwo ogwayiika ku lwange. Nange nsuubiza nga, "Nja kukkiriza." Ai Omwana gw'endiga gwa Katonda, Nzize.'" Teeka emikono gyo ku mutwe Gwe nga attibwa, ogambe nti, "Mukama, ndi mwonoonyi, naye Ompise."

244 "Abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi, era Ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero."

245 "Weewaawo, Mukama, nzize. Ssikakanyaza mutima gwange, nga bwe baakola mu biro eby'okusunguwazibwa, nzikiririza ddala."

246 Olwo ye Akola ki? Akuwa Obulamu Bwe, *Zoe*, Obulamu Obutaggwaawo. Kati Katonda bw'aba yasobola okutujja mu nfuufu y'ensi, mwe twava. . . Twava mu nfuufu? Buli kimu ky'olaba, kyava mu nfuufu. Kati Katonda bw'aba yasobola okunfuula kyendi leero, nga ssi nze nneesaliddewo; naye kubanga kwali kuyaayaana Kwe okunkola, n'ampa akakisa okutunula e Kalivaaliyo nkole okusalawo okwange; ne nkola okusalawo okwange ne mmukkiriza; Talisingawo nnyo okunzuukiza! Bw'Aba Yanfuula kyendi, nga tekwali kusalawo kwange, ku mulundi guno ne nkola okusalawo okwange ne mmusembeza; bwe Yagolola emikono Gye, ne Yeerayira, nti Alinzuukiza ku lunaku olw'enkomerero. Nja kuwummula nga ndi mukakafu.

247 Nti nnina Ekiwummulo, si lwakuba nsinza ku Ssande, si lwakuba nsinza ku ssabbiiti. Ebyo byonna tebikirinaako kakwate konna. Nsinza kubanga nnayingira mu mirembe Gye

n'Ekiwummulo: emirembe, okwagala, essanyu. Emiyaga ne bwe gijja; essika lyange linywevu.

248 Wali ofunye obumanyirivu obwo, mukwano gwange atudde wano, akawungeezi kano, mu yeekaalu eno ejjudde ebbugumu? Tewazze kuwulira nze. Nedda. Wazze kuwulira Kigambo. Wulira, mukwano gwange.

249 Kati bw'oba obadde tofunanga Kiwummulo ekyo, osobola okukifuna mu kaseera kano kennyini. Teweetaaga kujja wano ku wolutaali. Sigala awo wooli. Beera mwesimbu, ogambe nti, "Kristo, nkusaba oyogere eri omutima gwange. Mmanyi ebbugumu lingi. Nze—nzenna ntuuyanye, nzijudde entuuyo. Mpulira bubi nnyo. Naye, ayi Mukama, eky'amazima, nnandyesanga nga ntuuyana mu bulumi obungi, okusinga ku kino, nga tebunnakya."

Era omusawo ayinza okunyeenya omutwe gwe, n'agamba nti, "Bulwadde bwa mutima. Agenze." Kiki ekinaddirira?

250 Kiki ekinaddirira? Ekitabo eky'ekitalo bwe kiribikkulwa, kiki ekiriddirira? Oluyimba olwo mwali muluwuliddeko olugamba nti, *Kiki ekiriddirira?* "Abo abaagaana Obubaka, bwe balibuuzibwa okuwa ensonga lwaki baabugaana, kiki ekiriddirira?" Kiki ekiriddirira? Kirowoozeeko mu kaseera kano, n'omutima gwo gwonna.

251 Nga bwe tukoteka emitwe gyaffe, kirowoozeeko.

Oyo agaanye okukkiriza Obubaka buno akawungeezi kano,
Bw'alibuuzibwa okuwa ensonga lwaki yabugaana—Kiki ekiriddirira?

Kiki ekiriddirira? Kiki ekiriddirira?
Ekitabo ekikulu bwe kiribikkulwa, kiki ekiriddirira?
Abo abagaana okukkiriza Obubaka buno akawungeezi kano,
Mugenda kubuuzibwa okuwa ensonga lwaki mwabugaana—Kiki ekiriddirira?

252 Kitaffe ow'omu Ggulu, bino byonna biri mu mikono Gyo kaakano. Yiino Ssabbiiti entuufu eri wano mu maaso g'abantu. Wuuno wano Malayika wa Katonda, azze ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka okwetooloola ensi yonna, okumala emyaka emitono egiyise. Abakolokosi n'abalala aba buli ngeri, bagezezzaako okumuvumirira. Naye, buli mulundi, Okakasizza nti Oli Katonda.

253 Bannassaayansi, bannakkanisa; bonna bazibe ba maaso, Mukama? Oba oli awo akawungeezi kano wano waliwo eyandyagadde okuzibuka amaaso, atambule nga agenda mu maaso, aleme okukema Katonda, nga mu biro eby'okusunguwazibwa; aleme okugezaako okumukema, nga

yeekuuma obutabaako ky'akola ku Ssande, oba okubaako olunaku gundi lw'akuuma, oba okubaako ekiyiiye eky'enzikiriza kye yeekwatako, oba okubaako ekkanisa kwe yeegatta. Naye nga yandyagadde okwesowolayo ajje akomolebwe, mu mutima, afune Omwoyo Omutukuvu. Era nga amwagala. Era mu kaseera kano olw'okukkiriza, agezaako okumukkiriza okuyingira mu mutima gwe. Agezaako okufuna ekisa okuva gy'Oli, ayi Mukama.

254 Weewaawo, ayinza okuba yali ayogedde ennimi. Ayinza okuba nga yali aleekaanyeeko. Naye akyalina obusungu buli obw'ettumbiizi. Akyalina ettima lye limu. Akyalina olugambo n'okwogera ku balala, n'okukola ebintu by'atasaana kukola. Tabyagala, ayi Mukama. Kiki ekiriddirira, Ekitabo ekyo ekikulu bwe kiribikkulwa, ekigamba nti, "Abali ng'abo tebaliyingira Bwakabaka"? "Kale mubeerenga abatuukirivu, nga Kitammwe ali mu Ggulu bw'ali omutuukirivu." Ekintu kyonna ekitatuukiridde tekiriyingirayo. Obwesige bwabwe bwonna, buli mu oyo eyakomererwa, akawungeezi kano? Bwe kiba si bwe kiri, ayi Mukama, leka baanukule okwanukula okwo okw'Obutaggwaawo nti "weewaawo" mu kaseera kano kennyini.

255 Bagambe nti, "Mukama, si . . . Ssikyamuukiridde bukyamuukirizi, naye nnina Ekintu kye mpulira munda mu mutima gwange, nga waliwo Ekintu ekiŋŋamba nti, 'Nsobola okukikola mu kaseera kano kennyini, olw'ekisa Kyo.' Era kaakano nkukkiriza nga Omulokozi wange. Nde—ndekayo ebintu by'ensi byonna, era njagala kuyingira mu Kiwummulo Kyo. Era nzikiriza nkiyingiramu mu kaseera kano kennyini. Nzikiriza nti Omwoyo Omutukuvu annyingiza mu kifo ekyo."

256 Nga buli mutwe gukotekeddwa. Waliwo omuntu yenna awulira bw'atyo mu kaseera kano? Yimusa omukono gwo nga ogamba nti, "Omwoyo Omutukuvu annyingiza mu kifo gye sijja kuddamu kukola lugambo." Mukama abawe omukisa. "Ssigenda kuddamu kukola bintu ebyo. Obusungu bwange bugenze. Kati nsobola okubeera mu mirembe n'essanyu n'okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, okuva kaakano. Nzikiriza nti Katonda ayogera nange mu kaseera kano kennyini, nti nsobola okukikola okuva mu kiseera kino okweyongerayo, olw'ekisa Kye." Musobola okuyimusa emikono gyammwe? Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa nnyabo. Waliyo omulala? "Kaakano nzikiriza."

257 Tomukema, nga bwe baamukema mu biro eby'okusunguwazibwa. Leka kulowooza mbu ffe kasita tugenda ku kkanisa ku Ssande, oba tukuuma ssabbiiti. Pawulo yagamba nti, "Mmwe abakuuma ennaku oba emyezi, n'ebiri nga ebyo, mbeekengera. Amateeka okuba nti gaalina ekisiikirize eky'ebintu ebirungi ebyali bigenda okujja, naye nga go ssi ky'ekifaananyi kyennyini eky'ekintu, tegayinza kutuukiriza

musinza." Naye Kristo akufuula atuukiridde, nga otuukiridde mu maaso ga Katonda. Aggyawo ekibi kyo, n'akuggyako omusango, n'akuwa okwagala Kwe n'essanyu.

258 Wandyagadde okuyingira mu Kiwummulo kaakano? Wabeewo omulala ayimusa omukono gwe, agambe nti, "Nkikoze." Katonda akuwe omukisa, nyabo, ali ku mukono gwange ogwa kkono. Katonda awe omukisa omusajja ali ku mukono gwange ogwa ddyo. Okuyingira mu Kiwummulo Kye, kirowoozeeko mu kaseera kano.

259 Saba ogambe nti, "Ndi nga bwendi, ayi Mukama, ssirina kwewolereza kwonna; ssirina kalungi konna. Ssirina kye nnyinza kukuwa, okuggyako obulamu bwange obubi, obutaliimu kalungi, obujjudde ekibi. Onanzikiriza? N'onnongoosa? N'ompewula? Kubanga, nsuubizza nti nja kukkiriza. Ayi Omwana gw'endiga gwa Katonda, nzize. Kaakano nzija nga nzikiriza nti nsomose okuva mu kufa ne nnyingira mu Bulamu. Kubanga, wano wennyini mu katebe kange, nkukkirizza nga Omulokozi wange era mpulira emirembe mu mutima gwange."

260 Wabaddewo bataano abayimusizza emikono gyabwe. Wayinza okubaayo omulala, awulira bw'atyo, nga wandyagadde okuyimusa omukono gwo? Bw'oba toli Mukristaayo, musembeze mu kaseera kano.

261 Bw'oba weeyita Mukristaayo naye nga toli bw'otyo, okyali mwonoonyi, si nsonga bulamu bwa ngeri ki bw'o—biki by'okoze, oba by'ogezaako okwerimbikamu. By'okola tebikkirizibwa. Kye Yakola kyokka kye kikkirizibwa. Obutuukirivu bwo nga ggwe tebujja kukkirizibwa. Bw'olekayo okufuweeta ssigala nga ogamba nti, "Naye, ka nve ku kufuuwa sigala kubanga ndi Mukristaayo," Ekyo Katonda takikkiriza. Bw'olekayo okwegomba abakazi, nga ggwe akikola ku bubwo, Katonda takikkiriza. Ekyo kiba kintu ky'okola nga ggwe. Ebyo biba bikolwa. Naye ekisa kye kikulokola. Ekintu ekyo Katonda yali azze mu ggwe n'akikuggyiramu ddala? Ekyo kye kiddako.

262 Oyinza okuŋŋamba nti, "Nze nneegatta ku kkanisa, kale ebintu bino nnali nnina okubivaako." Ekyo Katonda teyakikkiriza, tewali ky'oyinza kuwaayo. Akkiriza ekyo kyokka Kristo ky'akuwa. Ye y'akuwa Obulamu Obutaggwaawo, n'akuggyamu ebintu ebyo. Wandyagadde okubusembeza?

> . . . wabweru eyo ku nnyanja, ejjudde omuyaga,
> Jjangu, oteeke emmeeme yo mu ekifo eky'okuwummuliramu,
> Ogambe nti, "Omwagalwa wange ye wange."
>
> Ntadde emmeeme yange . . .

Kale, kati osobola okuyimusa omutwe gwo. Kati obubaka buwedde. Kaakano leka tusinze.

Ssijja kuddamu kusaabala nnyanja ntabangufu;
Weewaawo omuyaga guyinza okukunta ku buziba, obutabanguse,
Naye nga ndi mu Yesu situukibwako kabi emirembe gyonna.

263 Buli omu kaakano, beera mu kusinza.

Emmeeme yange ngitadde mu kifo eky'okuwummuliramu, (Ssabbiiti.)
Ssiriddamu kusaabala nnyanja ntabangufu;
Weewaawo omuyaga guyinza okukunta ku buziba, obutabanguse,
Naye nga ndi mu Yesu situukibwako kabi emirembe gyonna.

Njakaako . . .

Weete. Zibiriza amaaso go. Owulira Omwoyo oyo omuwoomerevu? Okwo kwe kusinza. Obubaka buwedde. Kuno kusinza.

Leka Ekitangaala okuva ku munaala kinjakeko;
O, njakaako, Ai Mukama, njakaako,
O, leka Ekitangaala okuva ku munaala kinjakeko.

264 Bameka nga owulira bulungi nnyo? Yimusa omukono gwo. Omwoyo oyo omulungi, omwetowaze, y'Oyo.

Nfaanane Yesu, kimu kyokka nfaanane Yesu,
Nga ndi ku nsi wano njaayaana mmufaanane;
Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa,
Nsaba kimu kyokka kufaanana . . .

Sinza businza.

Abaebbulaniya, Essuula Ey'Okuna LUG57-0901E

(Hebrews, Chapter Four)

Obubaka Obukwata Ku Kitabo Ky'Abaebbulaniya obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 1 Ssebutemba, 1957, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org